

Omuganda agamba nti "Ofanga tobadde, oba tonyagiddwa Munyolo".

2. Winyi yamuwa Kibulala n'afuna Obwakabaka bwa Bunyoro. Oluvannyma Obwakabaka bwa Toro bwakutukako ng' Omulangira Olimi Kaboyo ajeemedde kitaawe Nyamukutura Musunga Kyebambe eyali afuga Obwakabaka bwe Bunyolo.
3. Lukidi yamuwa Bukedi. Ono bwamulema okunyweeza ne butakakata.

Kintu bwe yava e Bunnamwaya, yagenda Kansanga ku kasozi Nabuti. Wano yafunirawo bazzukulu be aba Ssebuganda- Musenyu, Buganda, n'abalala be bagamba nti be bakabaka abasooka Kintu ono owajjo abasinga gwe tumanyi. Bwe yava e Kansanga yasalawo addeyo e Bunnamwaya mu Ngobe. Ku luno yazaalirayo abaana bataano. Be bano:-

1. Kyaka
2. Wanga
3. Ndawula Mayindo, ono mwe mwasibuka Ntale e Nnyiize e Bugerere.
4. Mulanga, ono yaweebwa Busoga.
5. Kuteesa, bagamba nti ono yagenda Abisiiniya.

Kintu Omutonde yatambula nnyo okubuna amawanga. Bwe yatuuka e Masaaba, baamuyita Kutosi, erinnya lino lisangibwayo e Bugishu, era Abagishu bakugamba nti nabo bazzukulu ba Kintu. Bwe yatuuka mu Abisiiniya, baamuyita Kitoshi, n'atandika Obwakabaka bwayo. Omulangira Kintu omuzaale bwe yaddukirayo, ng'adduka Mukulu we Bbemba, kye yava tafuna buzibu kubanga yaddukira wa muganda we. Baamuyamba buyambi okutendeka egghe eryaggyako Bbemba.

Kintu Omutonde bwe yamala okuzaala abaana bano, yasalawo okusenguka. Ku luno bwe yali ava mu Ngobe yalekawo omukuumi Kisumukungu Owengeye, n'agenda e Lukunyu kati ekyadda e Tanzania. Wano we yazaalira amawanga gonna. Wano era emisambwa we gyamuterekwa, we wali amasiro ge. Olwokubanga abantu bamanyi nti Kintu yabula bubuzi nga talina masiro, kye bava bamuyita Kabaka Kintu, so si Ssekabaka ng'abalala abalina amasiro bwe bayitibwa, anti ye tebakakasanga nti yazaama, era

balowooza nti akyaliyo mulamu. Kino mu biseera bino okigeraageranya n'ekya Muteesa II. Mukyalimu bambi abagamba nti ye tazaamanaga, akyaliyo, Abazungu baatuleeteramu muntu mulala. Ekintu kye boogeza okwagala okutasalikako, anti ye munnaffe yeewummullira dda.

Ebibuga bya Kintu Omutonde bye yakuba: Nakasongola, Bunnamwaya, Lwadda, Kansanga (ku kasozi Nabuti), ne Lukunyu, ne Bigobyamugenyi mu Ankole.

Bakagezimunnu okugeza nga Dr. Leaky, bagamba nti omuntu akyasinga obukadde ku nsi eno, yali mu Buvanjuba bwa Africa mu bitundu bye Tanzaniya. Bino bye bifo ebiriraanye ekifo Lukunyu awali amasiro ga Kintu Omutonde, era abafu abasangibwa mu bitundu bino, ly'ezzadde lye nga bwe tulabye. Wano we bagambira nti Kintu ye Jajja w'abantu bonna. Abantu bano baabuukanga bubuusi nga Kibuuka Kyobe, ono owa jjolyabalamu ku Ssekabaka wa Buganda Owoomunaana, Nakibinge Omulwanyammuli (1285-1315). Bano baayitbwanga Batembusi. Ate abaana ba Kintu be yazaala, baayitibwa Bacwezi, nga bano be baazaala Ababiito, Abalangira n'Abambejja.

Abantu ba Kintu baatandika okwekolamu ebika, anti bwe baasaasaana, buli we baabeeranga, olwafunanga ekizibu mu nju eyo, okugeza ng'okulwala oba okufa, ng'ekintu kye balowooza nti kye kireese ekizibu ekyo, bakifula Muziro. Nyinimu ng'alangirira nti, "Abaana n'abazzukulu temulyanga ekintu gundi, (okugeza e Mmamba), kifuuse kya muzizo." Awo we waava emiziro mwe twe nyumiririza ennyo. Bino bye bika ebyekolangamu gavumenti yaabyo okuvira ddala eyo wansi ku nda, okutuuka ku Kasolya. Zino ze gavumenti ezeegattanga awamu ne ziyingira mu Gavumenti ya Kabaka eya wakati. Obuganda ne buba nga bufugibwa mu gavumenti bbiri; ey'ebika ng'ekulirwa Abataka abakulu Aboobusolya, n'eya Katikkiro omwabeeranga abafuzi abalonde. Kabaka ng'olwo ali waggulu wa gavumenti zombi. Abaganda wano okiraba nga be baasooka okukola Federo. Anti buli Kika kyemalirira kyokka mu nfuga yaakyio. Omuzungu mu kutuweebula, nga bwe tunaalaba eyo mu maaso, bwe yamala okulaba ng'Abaganda twekkutte wamu kitole nga tuli ku Namunswa mu Bwakabaka, yatuleetera bibiina bya bufuzi, ng'ayagala bye biba bikozesewba okusobola okukyusa obufuzi bwe twali tutegeera, nga buyita mu bika ne Gavumenti Kabaka gye yatulonderanga. Ebibiina bino abantu baatandika okubyagala nnyo, kubanga buli omu, n'oyo ataaliyise mu kakunyunta kaffe, asobola okuyitamu n'afuga.

Mu kulonda gavumenti ya Kabaka, baalinanga akakuñjunta akasunsula mu bantu abo abaalondebwanga, nga bagamba nti, "Oyo mwana waani?" Kuno tekwali kusosola ng'abamu bwe baagala okukitegeera. Yali nkola egobererwa okukakasa nti omuntu alondebba asaanira ekifo ekyo. Ng'akagambo ako *mwanawa ani* kaddamu ebibuuzo nga bino; Ani amuzaala era ava wa? Alina ebisaanyizo? Amanyi ekifo kye bamulondeddemu, engeri gye kyatandikamu? Amanyi engeri gye kizze kitambulamu, aleme okukidibaga? Omuntu eyayitanga ku bibuuzo ebyo, ng'ateekwa okuba nga yabeeranga ayiseeko mu bisaakaate oba mu mbiri, ng'ayize enneeyisa y'omwami bw'esaana okubeera awamu n'entambula y'emirimu. Mwana waani eyo yali "Curriculum Vitae" yaffe mwe twayitanga okusunsula abantu tusobole okufuna abantu abatuufu okufuga. Eyo y'Endagiriro yaffe Abaganda gye twakozesanga.

Akakuñjunta ako, kagasa nnnyo era buli mufuzi akagoberera okusinga n'Abaganda bwe bakikola. Wadde beekweka mu kigambo *butasosola*, naye bona kye bakola. Kino okirabira mu bantu be balonda okuddukanya gavumenti ze babeera bakulembera. Bwe balonda omuntu atava waabwe, bamuteekako abamumyuka basatu, ate nga be basalawo ekinaakolawadde ng'omukulu mwali. Omukulu asobola okulagira ekintu ne kitakolebwakasita kibeera ng'abamuddirirabakigaanyi. Obuyinza bubeeranabali abeesigwa.

KISOLO ABULA

Lumu Kisolo Sebyoto Muwanga bwe yagenda e Buluuli okukola emirimu gye egy'Obwakatikkiro, ng'ava e Lwamiguwa, yasanga omukopi azannyidde ku muka Kintu. Kintu mu buniyivu obungi, yafumita Kisolo ng'amulanga obulagajjavu. Kisolo bwe yadduka yaggukira Lweza ku luguudo olugenda e Ntebe. Wano we waafuuka Lweza, olw'okubanga we baanoganga olweza okunyiga ekiwundu kye. Kintu bwe yatandika okunoonya Kisolo ng'obusungu bumuweddeko, Kisolo ye yabula bubuzi, sikulwa nga baali bamunoonya kumumalawo. Kintu bwe yatuuka awaali Kisolo, yasanga muzzukulu wa Kisolo, mutabani wa Muganga omwana wa Senkungu ayitibwa Muganga, nga ye yamusikira. Kintu bwe yakakasa nga munne abulidde ddala, yalonda Muganga ku Bwakatikkiro, olwo n'addayo e Lukunyu naye gye yabolira. Kintu olwabulira ddala bwati, abaana abooluganda n'abakulu b'ebika ne batandika okulwanira Obwakabaka. Buli ayogerwako nti yali Kabaka wa Buganda, nga Bbemba tannalya bwakabaka, yali mwana oba muzzukulu wa Kintu omutonde, omutembizi.

BAKABA BABA BUGANDA OKUVA KU KINTU OMUTONDE OKUTUUKA KUBBEMBA

Bano be bamu ku Bakabaka abaalya Obwakabaka wano, nga kitaabwe oba jjajja bwe Kintu amaze okubula. Bangi nnyo abatamanyiddwa naye ng'ekituufu baaliyo tetubamayibumanya. Tusaana tweyongere okubuuliriza nga tetunyooma oyo atubuulira k'abeere nga afaanana atya, anti Katonda ayogerera mu bantu. Prof. Kiwanuka mu kubuuliriza kwe amenyako Bakabaka 55 abaafuga wano, nga Bbemba y'asembayo okufuga Buganda. Yabaggya mu bawandiisi mwenda ab'enjawulo, era abawandiisi abo be bano:-

1. Nsimbi
2. Kaganda
3. Ssaablangira Ggomotoka Kikulwe
4. Kakoma
5. Guweddeko
6. Kabuga
7. Waligo Nakirembeka
8. Lawi Wakibi Sekiti
9. Kitaakule H. D.

Era bano be bakabaka 55 Prof. Kiwanuka be yawandiika:-

- | | |
|----------------------------|--------------------------------|
| 1. Seguku | 29. Wadda Miyingo |
| 2. Buwampya | 30. Musisi Mutenzaggulu(Zinga) |
| 3. Bukookooma | 31. Mayiryre Jjuuzi Lubaaale |
| 4. Bukulu | 32. Konge |
| 5. Bandi | 33. Kiyuunikiriibwamukulu |
| 6. Beene(Mitwebiri,Ssingi) | 34. Semwezi Maganda |
| 7. Ggulu | 35. Wanga Kiwanuka |
| 8. Kyebaagaba I | 36. Laba II |
| 9. Muyizzi | 37. Bokaddebukookooma(Buddo) |
| 10. Bukuku | 38. Muntu |
| 11. Bokadde Magezi | 39. Senkuule(Buddo) |
| 12. Nakirembeka | 40. Kyebaagaba II |
| 13. Tonda | 41. Lwakatabba |

- | | | | |
|-----|---------------------------|-----|---------------|
| 14. | Maganda | 42. | Wannongo |
| 15. | Mukama(Katoolingo,Busiro) | 43. | Mutimbwa |
| 16. | Wadda | 44. | Kagulu I |
| 17. | Buganda | 45. | Mbaale |
| 18. | Ssebuganda | 46. | Namusera |
| 19. | Tembo I | 47. | Kyebaagaba II |
| 20. | Lugembe | 48. | Bwakatabba |
| 21. | Kimalempaka | 49. | Nabago |
| 22. | Lubakwata | 50. | Mutimba |
| 23. | Wanga | 51. | Wuuno |
| 24. | Bembe | 52. | Lunaku |
| 25. | Laba | 53. | Nsonga |
| 26. | Googombe | 54. | Wangi |
| 27. | Busiriba | 55. | Bbemba |
| 28. | Katabanikaggulu | | |

Ku bakabaka abo, kweyongerako Kawanga, Kigula, Magunda, Buvi, Kagona, Buganda owa Ssebuganda, Mudondoli, Mugerere, Muwanga e Nseke, Mpambire, Nsaamu), ne Kaseresaggulu, era n'abalala bangi nnyo abakyaliyo. Era ne ku bamu abo aboogeddwaa, kweyongerako ebibakwatako bino:-

1. Tonda e Butonda mu Kyaggwe.
2. Ggulu Namwasa e Sseenene.
3. Kigula ono yazaala Wanga, Kaseresaggulu.
4. Wadda Muyingo e Lubya.
5. Kimalempaka e Busimbiri mu Kisuuna Busiro. Yafuuka musambwa n'abula.
6. Mudondoli e Namusera Busiro.
7. Mugerere e Dondi.
8. Mukama e Katoolingo Busiro.
9. Kagona e Lubowa Bukasa Ssese.
10. Bbemba e Naggalabi.
11. Kintukyamukama tekittakyegaanira e Lunnyo, Zzinga eyatta omukago ne Kirimussu azaala Kisolo. Kye yava amuwa Obwakatikkiro.

Ate ye Keebongero, nga naye musajja njasa biggu mu kunoonyereza, okwagala n'okuwandiika ebintu bya Buganda, agamba nti Kabaka Muntu ye Kabaka eyasooka,

nti era yasooka kuzaala abaana 13, n'azzaako 4 omulundi gumu, era n'ayongerayo basatu. Bakabaka be yasooka okusinziira ku muwandiisi oyo, be bano:-

1. Muwanga e Nseke, Nsaamu.
2. Musisi Mutenzaggulu e Ssese.
3. Ssegkuligamba e Mmende.
4. Namusera Mudondoli e Namusera(Kisimbiri).
5. Nabongo e Kabumbi, Nansana.
6. Namuwala e Kawunga Mukono.
7. Mugerere e Namussa Kyaggwe.
8. Wanga e Katoolingo.
9. Tonda e Butonda Kyaggwe.
10. Ggoogombe mu Kimwanyi Kyaddondo.
11. Bisiriba e Ssessiriba.
12. Wadda e Kiawu Busujju.
13. Bukulu e Kiawu Busujju.

Ate be yazaala olumu, be bano:-

1. Ntembe e Busoga.
2. Lukedi e Bukedi.
3. Kapala e Bwera, Mawogola.
4. Olyokya e Kiziba.

Ate abasatu, be bano:-

1. Kyalubanga e Buluuli.
2. Mulindwa e Kituba Mayugi.
3. Kannalwanda e Lwanda.

Nga bwe tulabye, Keebongero ye agamba nti Kabaka asooka ye Kabaka Muntu. Naye okufaanana abalala, akakasa nga Muntu ono Muganda teyava bunaayira. Nti era yayongera okuzaala abaana, nga abazaala mu bazzukulu be. Abaana be yazaala mu bazzukulu be bano:-

1. Bukaddebukookooma, nti ono ye yasikira Muntu.
2. Ssenkuule.
3. Beene.
3. Mukama, nti ono ye yazaala Buganda e Lunnyo, Bulama Ntebe.
- Buganda n'azaala Kintu ne Bbemba.

Omutaka ono Naññoma ye amuyita muzzukulu. So nga nze okufaanana n'abawandiisi abaasooka, muyita mwana wa Kintu omuberyeberye, era gwe yalekera Obuluuli n'ejjembe Ssebintu, omuggo n'effumu nga bwe twalabye edda. Abamu bagamba nti Buvi yawasa Nansove ne bazaala Bbemba ne Kintu nga balongo. Nti ate baayongera okuzaala Buganda ne Kiyimba. Eky'amazima kiri nti Bakaka abasigaddeyo bangi nnyo. Buli Kabaka ya fuganga katundu ke era wasobolanga okusanga bakabaka nga bana oba bataano nga bafugira mu bbanga lye limu. Abamu bagamba nti Kabaka Buganda bwe yaseerera, Kintu Kyamukama Tekitta Kyegaanira muto wa Bbemba ye yasika. Kyokka Bbemba n'alwana n'agobako muto we Kintu ku Naggalabi, n'alya Obwakabaka. Bbemba bwe yalya Obwakabaka yafuga bubi Obuganda. Olw'obukambwe bwe yalina, baamugeraageranya n'omusota, kubanga bwe yakyalanga, nga w'akyadde bakiguddeko, anti nga luba lutalo. Ate n'ejjembe lye ely'Obwakabaka lyawangibwa mu musota nga nalyo liyitibwa Bbemba. Wano we waava Bbemba omusota, n'enjogera nti, "Bbembä Musota, takyala atabaala butabaazi". Kyetuva tubeera ne Bbemba omusota ne Bbemba omuntu. Nga yali muntu omuzaale, nga muzzukulu wa Kintu omutonde. Olw'effugabbi lye yayina, muto we Kintu yegatta n'Abataka n'alwanyisa Bbemba n'amuwangula.

Omutaka Maaso e Ssese Owenkima, musajja mukulu bulungi wa bувunaanyizibwa, akakasa nti Kintu omuzaale, muto wa Bbemba, bazaalibwa Kitaabwe Kagona Owengo e Lubowa Bukasa e Ssese, nga nnyaabwe ye Namukana. Ccwa Nnabakka naye muganda wa Kintu ono omuzaale. Ono ye Kintu abasinga gwe balowooza nti ye Kintu oli omutonde, era gwe babala nti ye Kabaka wa Buganda asooka, so nga ye yatabala mukulu we Bbemba, era n'aleeta enkyukakyuka sinziggmu nsi muno. Era ku ye kwe kwakoma Kabaka okweddira omuziro gwa Mugema(azaala Kabaka), anti naye yali wango. Yasalawo obutagyeddira ng'agamba nti ajja kuba ng'abateddira Ngo anaabeera abasudde, nti bw'abeera talina muziro, buli kika y'abeera omukulu waakyo. Era Kintu ono ye teyabula, amasiro ge gamanyiddwa e Lunnyo.

Bagamba nti erinnya ly'ensi Buganda lyava ku Kabaka Buganda eyaliko nga Bbemba tannalinya ku Namulondo, nga baagala bamujukirenga. Kintu omuzaale bwe yatta muganda we Bbemba, Omulubaale eyali ku Naggalabi ye yajjukiza erinnya Buganda. Bagamba nti Omulubaale yasooka kuwa Kintu akati kamu, n'amulagira okukamenyamu. Kano yakamenya mangu. Omulubaale yagatta obuti mwenda n'abusiba mu kaganda, era n'amulagira okubumenya. Buno yataawaana nabwo okubumenya, era ddala, Kintu teyasobola kubumenya. Bwatylo Kintu n'alagirwa okugatta ensi ye esobole okunywera okufaanana Obuganda buli obwamulema okumenya nga buli wamu kitole, era afubenga nnyo okugatta ensi ye era agiyitenga Buganda, ebeere ḥ̄umu ng'obuti buli obwamulema okumenya. N'okuva olwo, ensi eno eyitibwa Buganda. Kino kyayamba Kintu okukola Obuganda obwali awamu ekitole, ng'abantu baamu balumirwagana, baagalana, basaasiragana, tebakwataganirwa buggyaa, nga buli omu ayagaliza munne ekirungi nga naye ky'aba yeeyagaliza, nga tebalina nkwe eri bannaabwe. Nga buli omu ayamba munne. Buli muntu nga yeeyisa nga muganda wa munne.

Bakabaka bano baalondebwanga Misambwa, bo kyebaavanga babeera n'obuyinza. Era buli kye baayogeranga kyatuukiriranga, ate nga si bakambwe. Bo tebaafanga, baakyusanga ne bafuuka ensozi oba amayinja. Emisambwa bwe gyanyiiga, Bbemba gyamulekerera era, bwatylo ye yasooka okutta abantu, nga ne bwe yabeeranga ng'akyadde bukyazi, n'abo b'akyalidde abatta bussi. Abataka baalina omubala oglaga okukkaanya n'obugunjufu, ogwakubibwanga okutegeeza, era ogwayitanga abantu baabwe, nga gugamba nti:-

"Bw'alityuta, tulituuka,
Tulikun̄aana, tulituula,
Tuliteesa".

Oluvannyuma lwa Bbemba nga Kintu Kato atandise okufuga, Abaganda we baatandikira okubala nga tebabuuusabuusa bakabaka abaakatuula ku Namulondo ya Buganda, era be bano:-

1. KINTU KATO(OMUZAALE)-MUTTABBEMBAOMUCWEZI:

Nnaalinnya we ye yali Kabonesa.

Omulongo we, ye yali Kinembe, yamuleka Mangira, Bukoba Kyaggwe.

Ennyumba ye, ye yali Kiroolokyannyinamwiru.

Ejjembe lye lyali Ssebintu.

Bakatikkiro be be baali Muwanga ow'e Kaliggwa, ba ॥ŋonge, ne Kakulukuku Owoolugave.

Bakadde be, be ba Kimaleempaka, ne Namukana Owengo; e Lubowa Bukasa. Kino ekizinga abaliko bona ba Ngo, naye kye yava yeddira e Ngo. Ye yakomya Abalangira okweddira Omuziro gwa bakitaabwe. Kintu ono omuzaale okumuyita omwana wa Kintu omutonde, Kiringa naffe bwe tuli abaana ba Kintu.

Emyaka we yafugira giteeberezebw awo 1157-1187.

Amasiro ge gali Magonga mu Busuju.

Abazaana n'Abaana- Tebamanyiddwa. Yasikirwa muganda we Ccwa Nnabakka.

Abagamba nti Kintu si Muganda, yava eyo mu Abisiiniya ne yeetuaza ku Namulondo ya Buganda, si batuufu. Kintu yadduka Bbemba okugenda eyo, oluvannyuma n'akomawo n'eggye eryawangula Bbemba. Aboogezi be bamu abagamba nti Mubiru mugwira, nti yava Bumogera, mbu n'ajja ng'abunga, bwatyo n'ayitibwa Gabunga. Era ne mu kino si batuufu. MB Nsimbi agamba nti Ndiira Omugisu y'azaala Mubiru. Abalala abankwata omubabiro, bagamba nti Mubiru Mulagira, mwana wa Kabaka Kimaleempaka. Bbemba ye mukulu, Kintu n'addako ne Mubiru nga ye muto. Bonna Balangira abaali abaamaanyi. Mubiru yali wamaanyi, nga mulwanyi mulungi, mwogezi mulungi, era nga mukulembeze mulungi. Abantu bangi baamweyuniranga nnyo. Lumu bwe yalya e Mmamba n'emulwaza-yawiwa ekirogologo, yamuddukanya n'okusesema. Bwatyo n'agaana abaana n'abazzukulu okugirya. Abantu bona abaabeeranga naye, abaamutwalanga okubeera mukama waabe, nabo baatandika okugiziza n'okugyeddira. Bwetyo e Mmamba kwe kwala ennyo omulundi gumu, era y'ensonga lwaki y'emaamidde Obuganda.

Mubiru nga tebanadduka na Kintu, yali yakazaala abaana bataano:-

1. Kiwutta Kyasooka.
2. Wampona.
3. Ssebawatu.
4. Mugula.
5. Katenda.

Kiwutta yazaalibwa nga mwana mugimu nnyo, nga wamaamyi nnyo. Yasanyusanga nnyo abaamulabanga. Abaana ba Mubiru bona, baali nga banene olw'ebennyanja bye baalyanga. Okwawula omwana omukulu ku banne, abantu kwe kugambanga Mubiru nti, "Tugamba ekyana kyo kiri ekyasooka". Kiwutta bwatyo bwe yafuna erinnya lya Kyasooka. Mubiru yasiiga omwana we omukulu Kiwutta Kyasooka akulire abaakuumanga olusenyi olwetoolodde Naggalabi okwabeeranga ejjembe ly'Obwakabaka. Baalukuumanga waleme kuberewo Mulangira atuuka ku Naggalabi, asobole okulya Obwakabaka. Olusenyi luno lwalimuenkere nnyingi nnyo, nga mpitirivu obungi, era nga zireekaana nnyo. Olw'okukuliraenkere ezo, kwe kumutuuma Nnankere. Okuva ku Kiwutta, Obwannankere bwafuuka bwami bukulu nnyo mu Bwakabaka bwa Buganda, nga kitaawe Mubiru y'ayamusiiga ewa Kabaka abulye. Kino buli Nnankere abaddewo abadde akimanyi, ng'ensoga ze azitwala wa Gabunga, okutuusa wano jjo ly'abalamu Nnankere w'ayagalidde okwekutula ku kitaawe. Sir Apollo Kaggwa ne M B Nsimbi, ng'ono muzzukulu wa Nnankere, bombi bakakasa nga Nnankere mwana wa Gabunga.

Bbemba yakijjanya nnyo Abalangira abo ababiri Kintu Kato ne Mubiru be yali yeekengeera, nti bandimulyako Obwakabaka. Abantu bwe baakweka Abalangira abo, Bbemba yeesala akajegere n'atandika okutta buli gye yelowoozanga nti amanyi Abalangira abo gye beekweka. N'obutamanya gye beekwese, nga nakyo kikussa nti, "Lwaki tomanyi?" Kintu Kato ne Mubiru kwe kwegatta ne badduka mukulu waabwe Bbemba, ng'ayagala kumalawo bantu ku lwabwe. Omwana wa Mubiru omuto, nga naye ayitibwa Mubiru, yateesa nti bwe tutadduke, bagenda kutufuma bufumi, awo n'afuuka Ssenfuma, era gyali e Kanyike.

Badduka n'abantu bangi nnyo, nga bayitira e Buluuli. Eyo Lubanga gye yabalagulira nti bajja kuwangula, singa balwana nga bava ku lusozi Masaaba. Eyo e Buluuli, Jjajaabwe Naññoma ng'abawa omukisa, gye yabakwasiza ku Jjembe Ssebintu, n'Omuggo ebya Kintu Omutonde ng'abasiibula, ebintu bibagendere bulungi. Eyo gye baddukira erinnya lya Mubiru lyabalema okwatula ne bamuyita *Mabira*. Mubiru yadduka n'abaana be bona, okuggyako Kiwutta Nnankere. Ye teyadduka, yasigala ku mulimu gwe. Era ne Ssemanobe ne Kimbowa aba Mugula, nabo tebadduka baasigala ku mirimu gyabwe egy'oku Naggalabi. Nnankere bwatyo yasigala nga y'akulira Abemmamba abatadduka, ng'oiwo bamuyita Mubiru Nnankere(anti nga mwana wa Mubiru). Nnankere olwokubeera ne Bbemba ebiseera byonna, yali amanyi bulungi nnyo ebifa ku Mukamaawe. Era ye yasala amagezi agatta Bbemba. Yafuna eddagala erifuusa, n'afuukanga enfudu. Eyo

y'enfudu gye bagamba eyatta Bbemba. Enfudu eyo yali muntu, yali Nnankere, ye yeekeka mu kiwaawo ky'enfudu, so si nfudu nga bwe tugimanyi. Bwe yamala okutta Bbemba, yakweka Enguugu n'agenda abuulira Kintu nga Bbemba bw'afudde. Kintu bwe yajja, Nnankere n'amuwa Enguugu ey'Obwakabaka. Okuva olwo, Nnankere y'atikkira Enguugu ku Mulangira alidde Obwakabaka okumukakasa ku Bwakabaka.

Bombi Kintu ne Mubiru, baakomawo nga bakuleembedde egghe eryawangula Bbemba. Mu kukkaanya, nga Mubiru omuto y'akuleembedde Abempingu, bwatyo n'alya Obwagabunga, olw'okukulira amaato agayitibwa empingu, agaabunganga ku nnyanja Nalubaale, nga gawera emitwalo ebiri. Wano Mubiru we yaggya erinnya lya Gabunga. Ate Kintu omukulu n'alya Obwakabaka. Era bombi Kintu ne Gabunga teavaavanga mu kafubo nga bakola gavumenti ne Ssemateeka wa Buganda nga bali e Nnono n'e Kiwawu mu Busuju. Kintu bwe yatuuka e Nnono, yakola gavumenti, era Nnankere yamulekako ku Bwannankere. Bwe baava e Nnono, Kabaka yagabira basajja be ebyalo. Mubiru Gabunga yafuna e Nkajja, ate Mubiru Nnankere n'afuna e Nakatu. Kyetuva tubeera ne ba Mubiru babiri, ow'e Nkajja n'ow'e Nakatu. Oluvannyuma lw'okufa kwa Gabunga, Mubiru Nnankere yakaayanira Obwagabunga. Abooluganda baagaana omuntu omu okulya obukulu obw'emirundi ebiri; Obwagabunga, n'Obwannankere. Nnankere bwe yanyiiga, n'asenguka n'agenda e Bukerekere, e Nakatu n'alekayo muganda we ayitibwa Kirimungo, olw'amaliba g'engo ge yayambalanga.

Kintu okulya Obuganda kimaze okumanyibwa nti yamala kuwaṇṇanguka n'agenda n'ebika bingi ddala, n'ategeka egghe eryalwanyisa Bbemba. Kabaka ono yakuṇṇanya ebika ebyakkiriziganya naye, ne bagenda mu buwaṇṇanguse, n'ategeka okulwanyisa mukulu we. Yalya Obwakabaka ng'amaze kutta mukulu we Bbemba, okutuula ku Namulondo. Kintu bwe yagenda n'ebika biri byonna, ensi yonna yasigala muwawa, amakulu nti nkalu mu Luganda olukadde. Abaasigala wano we baggya erinnya Abawawa. Ebika ebyasigala kyebiva biyitibwa Binnansangwa, kubanga Kintu okudda ng'alwana yabisanga wo. Kintu bwe yayingira wano, yasanga Walusimbi y'akumaakuma ebika biri omusantu ebyasigala wano, nga mulimu n'essiga lya Nankere, ebitadduka kugenda n'Omulagira Kintu. Ebyo by'ebika ebyiyitibwa Binnansangwa- ffumbe, Ngeye, Lugave, Njovu, Ndiga, Njaza, Nnyange n'essiga lya Nnankere. Kino kimalawo endowooza egamba nti ebika biri omusantu, bye Biganda ebyali binannyi nsi, oluvannyuma bimale bizindibwe bitwalibweko ensi yaabyo.

Walusimbi olwamanya nga Kintu atuuse, yagenda mangu gye yali n'amusisinkana, kubanga yali amumanyi. Yamukwasa ebika biri Binnansangwa, bye yali afuga, bwe bityo ne byegatta ku Kintu. Wano era Walusimbi eyali omukulu afuga ebika, we yaweera Kintu omukyalala, Kabaka aleme kufuga nsi nga muwuulu, ate nga be yali agenda okufuga baali bafumbo. Ate nga lwali latalo, tewaali biseera bya Kabaka kumala kuwayira. Bwe kityo Omuzaana Nnakku baamuwa wa mukolo, nga muwala muto wa myaka musanvu akyali nteeka. Yaweebwayo mu kyama. Okuva olwo Nnakku yafuuka ow'omukolo, aweebwayo mu kyama, rig'akyali nteeka, abeera wa muzizo ne bwakula tamukozaesa era tafumbirwa. Ono ye Mubiikira wa Buganda eyasooka wano nga tetumanyi ddiini. Asigala ng'Omubiikira bw'amanyiddwa. Afirira Buganda. Nnakku oyo abeera mu Lubiri mu nju eya Masengere. Buli Kabaka lw'abeera ku bwerende, oba buli luboneka lwa mwezi, eyo ewa Nnakku gy'alaga, era gy'abeera okumala ennaku ssatu. Kabaka takozesa Nnakku, kubanga abeera atya nti singa amusobyako, kisobola okumuviirako okuseerera mu lutabaalo. Anti Nnakku y'akwasa Kabaka effumu ng'agenda okutabaala. Era Nnakku oyo olumala okussaako Kabaka, y'alaya eηηoma okutegeeza Obuganda bulekere awo okukungubaga, kubanga bufunye Kabaka omupya ne Nnakku omupya. Buli Nnakku agenda Gganda mu mayiro yaabwe.

Bbemba yalina ejjembe nga baaliwanga mu musota, nagwo ogwatuumibwa Bbemba nnyini lyo. Kyetuva tubeera ne Bbemba omuntu, ne Bbemba omusota, abamu gwe bagamba nti Bbemba atambulira mu "Ssonko". Okuwangula Bbemba, omuntu ng'oteekwa kumala kutta musota guno. Kyokka nga tewali asobola kugwaṇṇanga. Nfudu nga bwetulabye waggulu, ye yasobola okusala amagezi agaagutta. Kyejava agamba Kintu nti amukkirize agende agutte. Kintu yakkiriza Nfudu agende akole omulimu ogwo. Nfudu bwe yatuuka awali Bbemba omusota, yagugamba nti, "Omuntu omukulu atambulirwako Obwakabaka, tasula na mutwe okufaana nga nze Nfudu. Olwo bakutya nnyo kubanga oba osobola okufuula embeera". Era yamusaba agende yeerabireko n'agage nga Nfudu bw'atasula na mutwe. Nfudu nga yeebase, omusota gwanoonya omutwe gwa Nfudu ne gugubulwa, era omusota gwamatira nti Nfudu yeewuunyisa nnyo, era ayogera mazima. Gwakkiriza nagwo bagutemeko omutwe nga gwebase. Nfudu yawagala akaso ne kattula. Bbemba musota olwebaka nga Nfudu atemako mutwe gwa musota ng'agutta, ejjembe ne lifuluka. Yadduka mangu okubuulira Kintu ng'omulimu bwe gwali guwedde okukola.

Kintu yaduumira mangu egghe okulumba muganda we. Oluvannyuma lw'okutta Bbemba Omusota, amafumu ga Kabaka Bbemba gonna agaakasukibwanga ewa Kintu, nga

gafuuka magonvu ng'ebisagazi ebito, ebiyitibwa ebirumbirumbi. Gaali tegalina kye gakola ku basajja ba Kintu. Bwe lityo egghe ly a Bbemba bwe lyaggwaawo. Abaasigalawo n'abantu baabwe baddukira Zambia, eyo nakati gye babayitira "Abantu ba Bbemba". Bwe yawangula olutalo, olwo nga Kintu atuula ku Namulondo. Wano we waava akalombolombo k'Omulangira agenda okulya Obwakabaka okumala okulwana olutalo Iw'Ebirumbirumbi n'Abemmamba e Buddo. Ssemanobe olw'okwetaba ne Nnankere mu lukwe olwattira ddala Kabaka Bbemba, kyava akulembera olutalo Iw'Ebirumbirumbi. Ate Nnankere eyattira ddala omusota, n'atereka Enguugu, era kyava atikkira Omulangira engule eyo. Olw'okukola emirimu emikulu ebiri, okutikkira Kabaka enguugu, n'okuwaayo muwala we Kabaka okukulirako nga bamussa ebikonde, Nnankere gyamuwaga awo mu myaka 1953, yeekutule ku Gabunga, yeetuukire butereeuvu ku Kabaka. Nnankere (Kojja wa Ttembo) yatandikira ku Kabaka Ttembo okuwaayo omwana we bamuggyeko emiziisa bakolemu amagotto ga Kabaka awone eddalu. Na kaakano kaafuuka kalombolombo ka kukuza Kabaka, Nnankere okuwaayo muwala we Nabigotto. Omuwala yenna abeera aweza emyaka omusanvu mu kiseera kyamatikkira, ng'ava mu lunyiriri oluvaamu omuwala ow'ensonga, oyo y'abeera Nabigotto. Olumala omukolo ogwo, Nnankere taddayo kulaba ku Kabaka.

Kintu bwe yava e Buddo, yagenda e Nnono mu Busuju. Eyo gye yakola gavumenti ye eyasooka wano mu Buganda. Yalimu abakulu b'ebika, Abakungu abadduka, n'abo abatadduka abayitibwa Bannansangwa. Eno ye gavumenti y'Omugendo eyasooka wano. Gavumenti eno yagatta Obuganda bwonna ne butambulira wamu okutuukira ddala wano jjo ly'abalamu ng'Omuzungu azze okuggyawo Obwakabaka, okunyaga ettaka lyaffe, okutwawulamu n'okutunfuya. Kintu ono ayitibwa Kabaka wa Buganda omuberyeberye olw'ensonga nti ye yasooka okufuga obulungi ennyo Obuganda. Yaleeta emirembe mi Buganda, entalo ezaali mu bika nga balwanira Obwakabaka ne zikoma. Kino yakikola ng'ayita mu kukola gavumanti ya Buganda eyasookera ddala. Eyo ye gavumenti eyaleetawo enfuga ey'omulembe. Bano be baali mu gavumenti ye e Nnono, Busuju.

1. Bwoya, Mugema. Wa Nkima, ng'atuula Malanga e Busuju.
2. Kayimbyobutego, Kibaale wa Buganda. Wa Mpeewo. Yadda kkungu.
3. Walusimbi, eyali akuma ebika ebitadduka, kyokka nga nabyo byekweka Bbemba, ebiyitibwa Binnansangwa.
4. Muwanga ow'e Kaliggwa ne Kakulukuku, ba ɿlonge, be Bakatikiro be abaaliko.

5. Mubiru Gabuga, wa Mmamba. Omuduumizi omukulu
6. Mukibi Ssebuko, wa Lugave. Omuduumizi amyuka Gabunga.
7. Kayiira, wa Mbogo. Ng'atuula Mangala Busuju
8. Kalibbala, wa Nseenene. Musaale wa Buganda. Ng'atuula Nsiisi, Nnono. Ono kwe baawetera emikwerero gy'enju Buganda.
9. Kyeye Muteesaasira, wa Ngo. Ng'atuula Magonga Nnono Busuju.
10. Mutasingwa, wa Mbwa. Ng'atuula Kiggwa Busuju.
11. Kiwutta Kyasooka, Nnankere wa Mmamba (Musiige). Ng'atuula Nnono Busuju.
12. Bakazirwendo Ssemmandwa, wa Ngeye.
13. Nsumba, wa Mpindi.
14. Mwanje, wa Ngo; Musiige. Ng'atuula Magonga, Nnono Busuju.
15. Mutaawe, wa Ngabi. Ng'atuula Nandwagudde, e Nnono Busuju.
16. Kalubuna, wa Nseenene. Ng'atuula Kibangulo Busuju.
17. Ssessaka Ssekasamba
18. Kitandwa, wa Njaza.
19. Kyaddondo, wa Nvuma, Ssaabaddu wa Buganda.
20. Kagobe, wa Ffumbe.
21. Nsereko Namwama, wa Kkobe.
22. Kyeyune, wa Nnyonyi. Musolooza, era Ssekiboobo.
23. Balasi, wa Nkima.
24. Mulanje, Katikkiro w'e Magonga.
25. Kakooto Mbaziira, wa Nnyonyi. Ng'atuula Bulimo.
26. Kisenge, wa Njovu.
27. Kakoma, wa Nvuma.
28. Bukulu, yava Ssese era yaddayo oluvannyuma
28. Nnyininsiko, wa Njovu.

Kintu yaleetawo enkolagana mu bika nga buli kika akiwadde emirimu mu bwakabaka, ne wataba wadde ekimu ekirekebwa ebweru (Laba Ssemateeka wa Buganda mu Kitabo Abaganda Ab'Edda, olup.110). Abalongo ba Kintu ono, baali mu lubiri e Bunnamwaya, oluvannyuma ne batwalibwa e Magonga eri Amasiro ge. Abantu kye bava bayalirira nti Kintu e Magonga.

2. CCWANNABAKKA:

Nnaalinnya we ayitibwa Batenga. Yamufuna agenda Bukasa kufuna lusaalo.

Omulongo we ayitibwa Lukungo.

Ennyumba ye eyitibwa Batandabeezaala

Ejjembe lye liyitibwa Kasajja.

Bakatikkiro be, be baali Walusimbi eyeddira Ffumbe, ne Ssebwana eyeddira Olugave.

Bakadde be, be ba Kimaleempaka, ne Namukana Owengeye.

Emyaka gye gye yafugiramu 1187-1217,

Amasiro ge gali Bugumya mu Busiro.

Abazaana be, be ba:-

i) Nakiwala wa ηηonge- ye yazaala Kalemeera omutikkizankumbi.

ii) Nnakku wa Ffumbe- teyazaala. Yali wa mukolo.

iii) Najjuka e Kireka. Wa Butiko.

Omulangira Kalemeera yawaayirizibwa nti yali azizza omusango mu Lubiri. Katikkiro Walusimbi n'amusalira okuleeta olufuabanja oba olukoni okusobola okumusonyiwa. Ebintu ebyasalwa byali bingi nnyo, ng'ekigendererwa kumulemesa adduke, aleme kudda kulya Bwakabaka. Kalemeera yaddukira Bunyolo ewa kitaawe omuto. Okumanya nga kyali kitegeke, bwe yali agenda baamuwa abantu bangi ab'okumuwerekerako. Abataka abaalondebwa baali bataano. Bano be baalondebwa okuwerekera Omulangira:-

i) Mulegeya oluvannyuma eyafuuka Kamulegeya,

ii) Kakebe mutabani wa Nnaabugwamu,

iii) Mazige, Sebatta ne Mpinga.

Nnaabugwamu e Ssambwe Bulemeezi, nga akyayitibwa Kakebe, yasanga Kabaka ne Mugema ne Mbajja nga boota omuliro ogwali gwaka nga bakozesa nsimbi. Kakebe n'alowooza nti baali boonoona okwokya ensimbi. Bwatyo yagugwamu n'aguzikiza. Kye yava atuumibwa erya Nnaabugwamu.

Ate eyo e Bunyolo nayo Kalemeera yaddukayo n'abakungu be Kakebe, Sebatta ne Mpinga, ng'asobezza ku Nabidondoli muka kitaawe omuto Winyi, ng'amufunyisizza olubuto. Omulangira bwe yazaalibwa, baamukweka. Mulegeya baamulekayo

Ye yatandika ennimiro ku lubiri, era okuva olwo, buli Kabaka olwakubanga olubiri, ng'alima ennimiro gaggadde ebweru w'Olubiri. Nga mulimu buli kantu akaliibwa, nga mulimu enva, nga mulimu n'emit mingi. Ennimiro eyo eyitibwa "Akaalo". Buli muntu eyajjanga mu lubiri oba eyajjanga nga talina mmere, nga bagimuwa okuva mu kaalo. Olw'okufuga akaalo ako nga Katikkiro akalamula ku lwa kabaka, kyava ayitibwa Kabaka Owebweru. Katikkiro y'akulira ennimiro eyo ku lwa Kabaka era kw'azimba Obutikkiro okuliraana Wankaaki w'Olubiri ku luguudo Nabingi. Luno lwe luguudo oluyingira mu Lubiri okuyitira mu Wankaaki. Luleeta ebintu n'ebigambo bingi mu Lubiri, kyeruva luyitibwa Nabingi. Luno kati lwe tumanyi nga Kabakanjagala. Sir Apollo Kaggwa ye yalukyusa erinnya ng'alusimbyeko emit (Cashew Nuts) egyatumibwa erinnya eryo erya Kabakanjagala.

Emyaka Kintu gye yafugira, ngibaliridde okuva ku Kabaka Kimbugwe ow'e 13 eyajja ku Jjoba, (yavvuunuka ku mutwe), nga 12.7.1997 wali e Bulamu, n'atutegeeza nga ku olwo, bwe yali yaakamala emyaka 450 kasookeddenga awummimula. Bwe kiba nga kye kituufu, kiba kitegeeza nti yakisa omukono nga 12.7.1547. Okwo Kwe ηmenze nga ntoolako oba ngattako emyaka abakugu gye baabalirira, nga gy'egyo buli Kabaka gye yali yamala ku Namulondo, emyaka 30 buli omu. Kino kye kireetedde emyaka gyange okwawukana ku gy'abakugu gye baasooka okubalirira. Kintu bwe yakisa omukono, muto we Ccwa Nnabakka n'amusikira. Kintu baamuggyako akaba ne bakatereka e Magonga. Ku ye kwe baasookera okukola "Akakomera". Kaamalanga emyezi 6 nga bakungubaga, era nga bwe bakaza enjoje ya Mukama waabwe. Okumukaza, baamusiiganga evvu lingi nnyo, era baamusalanga ku lubuto ne bamupakiram evvu, olwo n'akala bukazi yenna.

Nga bwe tumaze okukiraba waggulu, Kintu ono wanjawulo ku Kintu eyabula atalina masiro era akyayitibwa Kabaka kubanga talina masiro. Abeera n'amasiro ayitibwa Ssekabaka. Amasiro ga Kintu ono ow'e Nnono gali Magonga. Kino kiba kitegeeza nti Kintu eyabula, oyo yabula, ate Kintu ow'e Magonga ye gyali teyabula. Olwo tubeera twogera ku bantu ba njawulo wadde nga balina amannya agafaanana.

Ebibuga bye, bye yakuba- Nnono ne Magonga.

olw'ensonga, nti ye yalonda Kimera n'amuwa mukazi we Wannyana n'amuyonsa ne Katumba. Wano Mulegeya w'afuukira Mugema Omukulu w'Ekika ky'Enkima olw'okugema okuseerera kwa Kimera. Era wano w'aggya ekitiibwa eky'okuzaala Kimera, n'afiuuka Jjajja w'Obuganda. Okuva olwo, Omuzaana buli lw'abeera olubuto, tumugamba nti alina ettu lya Mugema. Ne Kabaka buli lw'abeera ayogera ku kitaawe, amuyita Mugema. Okuva ku olwo, Kabaka tawasa wa Nkima.

Wannyana olw'okuyonsa n'okukuza Kimera, kyava ayitibwa nnyina, bwatyo n'abeera omu ku Bannakazadde ba Buganda abakulu. Naye ng'ekitiuufu kiri nti Kimera teyalaba ku nnyina, wadde kitaawe, era naye akakasa nti Wannyana si ye nnyina yennyimi amuzaala. Laba Bassekabaka ba Buganda 1917, ekya Sir. Apollo Kaggwa, olupapula 10. Kimera agamba nti, "Katumba ono, alinga muganda wange ddala, kubanga twayonka ku bbeere limu, nga nze simanyi nnyabo. Nnyina y'alinga nnyabo eyankuza, era kitaawe Mulegeya y'alinga kitange eyankuza. Naye kitange ne nnyabo nabamanya luvannyuma nga maze okukula...". Kimera bwe yakula baamutwala mu Lubiri lwa Winyi ng'ayitibwa Omulangira wa Winyi, ng'atuumiddwa erinnya "Kamuwanda" olw'okulondebwa ku kkubo. Mulegeya teyaziikibwa, baamukaza era gyalí e Bbira awamu n'olukoba lwa Mugema olw'omulimu gwe yakola. Kimera yatwala Mugema nga mukadde we, nga tamutabaala, era nga tamugoba ku Bwamugema. Yali Kabaka Kyabaggú eyadibya empisa ey'obutagoba Mugema. Mugema bwe yalemererwa okutuusa ettaka eryamutumibwa okuva e Lubya okulitwala e Busoga, n'aliyiwa e Mukono kati awayitibwa "Ttakajunge", ne bamugoba ku Bwamugema.

Omulangira Kalemeera yazaamira mu kubo ng'akomawo. Kabaka Ccwa Nnabakka bwe yamanya nga mutabani we baamuklera lukwe, n'anyiiga era ne Walusimbi n'agobwa ku Bwakatikkiro, ne balonda Ssebwana ku Bwakatikkiro. Ccwa Nnabakka bwe yabula olw'obusungu, Obuganda bwasigala tebulina Mulangira alya Bwakabaka. Ssebwana ye yasigala ng'afuga Obuganda okumala emyaka munaana. Yali afugira mu Lubiri lwa Ccwa Nnabakka e Gganda. Nañjoma ne Nnaabugwamu baali nga bamanyi nti Kalemeera yaleka azadde omwana e Bunyolo, naye nga ne Winyi yali tamanyi nti mu Balangira b'alina, mulimu Omulangira "Kamuwanda", eyalondebwa ku kubo, gye yali asuuliddwa, era nga teyali mwana wa Winyi.

abantu bwe baakoowa effugabbi lya Ssebwana, ate nga n'olugambo lwali luyise mu bantu nti Kalemeera yaleka azadde Omulangira, Nnakku e Gganda, nga ye muzaana oli

ow'omukolo, ne Najjuka e Kireka, baasala amagezi agaggya Ssebwana ku ntebe. Nnakku yatumá Nnaabugwamu n'Abakulu b'ebika, okugenda okunona Omulangira e Bunyolo. Nañjoma ekyo olwakimanya nti bakimye Omulangira, yagenda mangú e Bunyoro ewa mwannyina balonde omu ku Balangira, agende alye Obuganda. Winyi bwe yalonda Omulangira, Nañjoma n'amugaana, n'amugamba alonde Kamuwanda, era n'amutuuma erinnya Kimera, agende ameze Obuganda, ng'ajjukira olusozi lwa jjajjaawe Kintu, Nañjoma lw'akuuma. Nnaabugwamu yasanga Omulangira anaalya Obwakabaka bwa Buganda, awedde okulonda.

Kabaka w'e Bunyolo yalonda Katikkiro we, ng'ayitibwa Bandi ne Mugema we, ayitibwa Bwerekere "mutabani" we, agende alye Obuganda. Tebaddayo Bunyolo. Bwe baatuuka kuno, baaganja nnyo wano e Buganda olw'okubaleetera Kabaka. Buli lwe wayogeranga ku muntu eyajja ne Kimera, nga bakugamba nti vva ku muntu wa "bandi" ate munne yasinga kuganja mu baana ng'abaagala nnyo, era baamukaabiranga nnyo. Buli omwana lwe yakaabanga, nga bagamba nti akaabira "bwereere."

Kimera bwe baamuleeta, baamukweka kumpi nnyo n'olubiri e Gganda. Ekifo we baakweka Kimera, waatumibwa Mpaawokabulawo olw'okubanga buli kantu omuntu ke yali ayagala kaali weekali. Baaleeta ebintu bingi nnyo okuva e Bunyolo, okugeza ng'omunyyo, enkumbi, embazzi, amaliba, engatto, leero buli akeetaagisa mu maka kaaliwo. Oluvannyuma erinnya ly'ekifo baalisalako, ekifo ne bakiyita MPAKABULA. Kyava mu MPAWOKABULA, ekyayogerwanga ku kifo kino, mwe baggya ennyingo "wo". Nakati ekifo ekyo Mpakabula weekiri wali e Gganda mu Busiro.

Bwe baamala okukweka Kimera, baategeka ekinyumu ssemanyumu emitala, eñjoma ne zivuga nnyo. Nakku ne munne baatandika okubuuza Ssebwana ekyali kisanyusa ennyo abantu. Ssebwana naye bwe yaziwulira, n'atuma abantu okulaba ekikubisa ekinyumu gaggadde kye yali tategedde. Buli gwe yatumanga, nga tadda, okutuusa ye kennyni bwe yasituka n'agenda n'abakungu be yeerabireko. Olwafuluma bwati, ne bayingiza Omulangira mu Lubiri. Bwe baagera nga Ssebwana ali walako, ne bakuba enduulu, Mujaguzo, eñjoma n'amakondeere. Ssebwana olwawulira ng'ekiri mu Lubiri gy'ava kifumba mutuku, kitokota si kisaanikire, n'amanya nga Kabaka ayingidde mu Lubiri, kubanga naye olugambo lwa Kimera e Bunyolo yali alumanyi. Bw'atyó yadduka za mbwa, n'asuula n'ensumbi ze, teyasobola na kuzironda, era we yasisuula wayitibwa "Mu Nsumbi". Kyasalwako ne kiyitibwa "NSUMBI". Yaddukira ddala yogaayoga ng'ali

mu Ggere, e Ssese. Bwatyo Nnakku bwe yagoba Ssebwana ku Ntebe. Wano we waava olugero olugamba nti, "Omugenyi omusulize, yagoba Ssebwana ku Ntebe". E Gganda Nnakku we yasinziira okuzza Kimera, we waafuuka Obutaka bwa buli oyo alya Obwannakku. Nnakku olw'okwetaba mu kutereesa Obuganda, yasigala nga wakitiibwa nnyo mu nsi yaffe eno.

Ccwa Nnabakka, yakuba e kibuga ekiyitiba Bigobyamugenyi, e Sserinnya mu Busiro; ng'ajjukira Bigobyamugenyi, e Kibuga jjajjaawe Kintu kye yakuba mu Ankole.

3. KIMERA:

Nnaalinnya we ye Nalaki, ali Kibulala we yasigala. Kwaddako Naddangira ali Naggulu. Omulongo we, ye Lukungo.

Ennyumba ye eyitiba Bunnyabukadde (Bugwibwamu abwerabidde).

Ejjembe lye liyitibwa Ntembe.

Ssaabalangira we ye yali Ndawula Bukomeko Katolobojjo. Ono yakoma Kyerula nga bajja. We yakoma kati wayitiba Bukomero. Kwaddako Omulangira Mabunduggu e Namusera, ate okwo tekwaddako kulondebwa Ssaabalangira mulala, okutuukira ddala ku Ssekabaka Dawudi Ccwa II.

Katikkiro we, ye yali Baakitunda, wa Ffumbe.

Bakadde be, be baali Omulangira Kalemeera ne Nabidondoli, Munyolo.

Emyaka gye yafugiramu 1217-1247.

Amasiro ge gali Bumera mu Busiro.

Abazaana be, be ba:-

i) Nabukalu wa Lugave. Ono teyazaala

ii) Nnakku wa Ffumbe. Ye yazaala Lumansi.

iii) Namagembe Nanzigu wa Mbogo. Ye yazaala Magembe.

Kalemeera bwe yagenda e Bunyolo, yasanga Kirobozi Buyonga Owenseenene okuva e Busongola, ng'atuula Kakubansiri, Ggomba. Ono y'azaala Mugalula muto wa Kalibbala ne Wannyana. Kalibbala ye yali yasenga Nsiisi eyo gye yava okudduka ne Kintu, barnale bakomewo okuwangula Bbemba. Kimera okugenda e Bunyolo Kalibbala yamuleka kuno n'awereesa Kabaka. Mugalula baamuzaala mu muka Winyi ayitiba Muwummuzu eyali afuga e Kisozi. Omukyala onto eyali azaala abawala abeereere, bwe yazaala omulenzi

n'agalula, amakulu nti n'akyusa, n'amutuuma Mugalula, era n'asigala eyo nga y'afuga e Kisozi. Kalemeera e Bunyolo yaddukayo nga asobezza nga bwe kimanyiddwa. Yaddukayo n'Abataka bangi. Mugalula ne Wannyana bombi bajja ne Kimera okuva e Bunyolo. Mugalula yajja ne Kimera nga y'akulambedde Abenseenene. Okuva olwo n'okutuusa kati, Kalibbala ne muto we Mugalula, bakaayanira obukulu bw'ekika kino.

Kimera yaganja nnyo mu Baganda olw'okumeza Obwakabaka bwa Buganda. Omulangira Lumansi omwana wa Kimera, teyalya Bwakabaka. Yaseerera mangu, nga kitaawe y'amukoledde olukwe bamutte. Yaleka azadde Omulangira Ttembo ye yalya Obwakabaka oluvannyuma lw'okutta jjajjaawe Kimera, nga yeesasuza ekiruyi. Yamukubisa omuggo Wakullennume. Ttembo ekyamussisa jjajjaawe, ojja kukisanga mu Bassekabaka ba Buganda ekya Sir. Apollo Kaggwa, olup. 11.

Kimera eyazaalibwa e Bunyolo, ate eyakulira mu lubiri lwa Winyi ng'Omulangira wa Bunyolo, bwe yalondebwa okujja okulya Obuganda, wano Abanyolo we bava okugamba nti Omulangira Omunyolo, omwana wa Winyi ye yalya Obuganda. Nti n'olwekyo, bakabaka ba Buganda baava Bunyolo era Banyolo, ekintu ekitali kituufu. Kyokka ffenna Abanyolo n'Abaganda tuli ba luganda, nga tuli bazzukulu ba Kintu. Abalangira bona bona baava mu Kintu omutonde, ka babe Baganda oba nedda, n'olwekyo bona baaluganda. Naffe ffenna twava mu Kintu, kye tuva tuyitiba Abaana bakintu. Abanyolo n'Abaganda balina ensibuko y'emu. Eno y'ensonga Iwaki Kimera bwe yamala okusika, yasimba akakomera n'ayabya olumbe lwa kitaawe. Oluvannyuma yasitula akasiki okwayokerwa ennyama mu lumbe, n'akatwala e Bunyolo ewa kitaawe omuto Winyi, gye yazaalirwa era gye yakulira. Okuva olwo ebadde nkola ya bakabaka bona wano e Buganda, okutwala akasiki e Bunyolo.

Kimera bwe yali ava e Bunyolo yajja n'omukyala Owengeye ng'ayitiba Nasserenga nga y'amulabirira. Omukyala bwe yagenda okunoga eddagala, yalwayo nnyo ate ng'Omulangira Kimera, mulwadde. Owenkima n'atwala obuvunaanyizibwa obwo ng'amusigaddeko yekka. Bwe baatuuka kuno Abengeye ne banyiiga ne bawozesa Nasserenga omusango ogw'okulagajjalira omulimu ne gumusinga. Ne bamusibira ku kasozzi Kabuye akali okumpi ne Kyabadaaza. Baamusibira ku mpagi okutuusa lwe yafa ejala. Okuva olwo akasozzi Kabuye Abengeye, bazzukulu ba Nkalitebuuka musiri, kwe bawozeseza emisango gy'ekika. Batera n'okulayira Owengeye onto nti: "Nasserenga eyasibirwa ku mpagi e Kabuye." Oluvannyuma Nasserenga omusajja, n'abasajja balituma, yaweebwa okukuma ekkubo eriva ewa Nabikande.

Ku mulembe gwa Kimera, Buyungo Ow'ēṇṇonge kwe yavumbulira okukomaga embugo. Kimera teyanya wa ku mwenge n'akatono. Yanywanga mubisi gwa njuki gwe yajja nagwo ng'ava e Bunyoro. Yajja ng'ayambadde amaliba mangi nnyo, era nga mugagga nnyo mu maliba. Kye baava bamuyita Bisaato Byomere (Nagagga w'amaliba).

Ebibuga Kimera bye yakuba; Masanafu, Kikandwa, Nsambya, Mulumbe ne Ntinda.

4. TTEMBO:

Nnaalinnya we ye Nazibanja.

Omulongo we ye Lutimba.

Ennyumba ye eyitibwa Bazibumbira.

Ejjembe lye liyitibwa Kasajja.

Katikkiro we, ye yali Kiridde, wa Kkobe.

Bakadde be, be baali Omulangira Lumansi ne Nattembo wa Mmamba.

Emyaka gye yafugiramu 1247-1277.

Amasiro ge gali Luwoko mu Busiro.

Abazaana be:- Yalina omuzaana omu Najjemba wa ḥṇonge. Yazaala abaana basatu:-

i) Kiggala Ssewannaku Mukaabya Kungubu.

ii) Lutimba

iii) Nazibanja- Omumbeija eyazaala emigga Mayanja ne Lumansi.

Yalumirwa nnyo abantu be aba wansi, nga tayagala baami kufugisa bantu be ffugabbi. Kye yava alonda ababaka okuva mu bitundu eby'enjawulo, babeere mu Lukiko, bambuulirenga abaami abatafuga bulungi, era abatateesa na bantu be batwala. Wano we waava ababaka ba Kabaka mu Lukiko. Ye yatandika Bulungbwansi mu Buganda, n'aleega eṇṇoma ey'omulimu guno, eyitibwa "Saagalaagalamidde." Yalongoosa nnyo embeera y'abantu be ng'ayita mu kukolera awamu okulongoosa ensi. Obulamu bw'abantu bwalongooka nnyo nga balina amakubo n'enzizi ze baayerulanga. Kyokka bambi yalwala n'atabuka omutwe. Okuva olwo, buli eyagwanga eddalu nga bamugamba nti, "Ayita Ttembo"; amakulu nti afaanana, oba yeeyisa nga Ttembo. Agudde eddalu.

Ebibuga bye yakuba- Nsaggū, Bunwa.

5. KIGGALASSEWANNAKUMUKAABYAKUNGUBU:

& KAKIBINGE

Nnaalinnya we ye Naluwembe e Nansana.

Omulongo we ayitibwa Lutimba.

Ennyumba ye eyitibwa Kasajjakaaliwano.

Ejjembe lye liyitibwa Kiriwaggulu.

Katikkiro we, ye yali Kasongovu, wa Mmamba.

Bakadde be, be baali Ttembo ne Najjemba wa ḥṇonge.

Emyaka gye yafugiramu 1277-1307.

Amasiro ge gali Ddambwe mu Busiro.

Abazaana be, be ba :-

i) Nabukalu Nabbuto wa Lugave. Ye yazaala Kiyimba.

ii) Nakawuka wa Mmamba. Yazaala Kaasammeeme.

iii) Nakimera wa Nseenene. Teyazaala.

iv) Nakku wa Ffumbe. Teyazaala.

v) Nakyobula wa Mmamba. Yazaala Googombe

vi) Namulondo Nawampamba wa Butiko. Yazaala Wampamba.

Wampamba ono yanyoomebwa nnyo, kubanga yawasa nnyina omuto Nakayima, (yali mwana wa kojja we). Olwo yali amenye empisa y'ensi okuwasa nnyina omuto. Ekyo kyamummisa Obwakabaka. Kyeyava aleega eṇṇoma n'akuba nti, "Sserumira bikizi, by'amira tebidda". Anti yamira Obwakabaka ne bumufa. Baazaala Abalangira Kayima ne Kyabayinze. Omulangira we ye oluvannyuma ye yalya Obwakabaka.

Ebibuga Kiggala bye yakuba- Bbumbu e Ddambwe, Mpumudde, Kisubi, Kisugu, Mmanja, Kamuli, Kansanga.

6. KIYIMBA:

Nnaalinnya we ye Nnaayimbabuna.

Omulongo we ye Lukungo.

Ennyumba ye eyitibwa Batandabeezaala (abalala bagiyita Konkomebbi)

Ejjembe lye liyitibwa Kasajja.

Katikkiro we, ye yali Magunda n'amutuumma Ntege, wa Ffumbe.

Bakadde be, be baali Kiggala ne Nabukalu Nabbuto wa Lugave.

Emyaka gye yafugiramu 1307-1337.

Amasiro ge gali Ssentema mu Busiro.

Abazaana be, be ba:-

i) Baamuggywa Ngabi. Teyazaala.

ii) Gwojanjaba wa Butiko. Teyazaala.

Kabaka ono ne Katikkiro we baafuga bulungi nnyo Obwakabaka ne bwe yagaza nnyo Abaganda, kye baava babuyita Obuganda obwa Ntege ne Kiyimba. Kiyimba teyazaala, yaseerera mangu. Amasiro ge gakuumwa Abalangira ba Kamyuka ava mu Kimbugwe owa Ssekamaanya. Yalina Abalongo Senninde ne Lutabu kyokka n'abasuula mu mugga Nonve.

Ebibuga Kiyimba bye yakuba- Mpumudde.

7. KAYIMASENNYIMBA:

Nnaalinnya we ye Nassuuna.

Omulongo we ye Kataabaazi (abamu bamuyita Kayizzi).

Ennyumba ye eyitibwa Kasajjakaaliwano.

Ejjembe lye liyitibwa Kittengo.

Bakatikkiro be, be baali Sendikaddwa wa Nseenene ne Walugali wa Lugave.

Bakadde be, be baali Omulangira Wampamba ne Nakayima Owoobutiko.

Emyaka gye yafugiramu 1337-1367.

Amasiro ge gali Bucuu mu Busiro ku ligenda e Bumera.

Abazaana be, be ba:-

i) Nababinge wa Mmamba. Yazaala Nakibinge, Kaasabbanda ne Jjuma.

ii) Naddogo wa Nkima. Teyazaala.

Yaseerera Ssunga. Obulwadde obwamuwumuza bwa kawaali, eyamukwata ng'ava mu Nnyendo okulwanyisa Bwakamba eyali afuga Buddu, okutuukira ddala e Lukunyu emisambwa we gyatereka Kintu Omutonde.

Ebibuga Kayima bye yakuba- Nanziga.

8. NAKIBINGE

Nnaalinnya we ye Luwedde.

Omulongo we ye Lukuba, amakulu nti Lukuba egg(emporium ento), ne Iuleka omuzima(emporium enkulu).

Ennyumba ye eyitibwa Bazibumbira.

Ejjembe lye liyitibwa Siimuwuune.

Bakatikkiro be, be baali Kagali, wa Nvuma ne Kafumbe, wa Ffumbe.

Bakadde be, be baali Kayima ne Nababinge, wa Mmamba.

Emyaka gye 1367-1397.

Amasiro ge gali Kkengojje mu Busiro, ate omubiri gwe oba amagumba ge gali Kitinda, Busiro.

Abazaana be, be ba:-

i) Nabitaka wa Mmamba. Teyazaala.

ii) Namulondo Nazzantyo wa Butiko. Yazaala Mulondo.

iii) Nalunga wa Nvuma. Teyazaala.

iv) Najjemba wa ḥonge. Yazaala Jjemba.

v) Nassuuna wa Mmamba. Yazaala Ssuuna.

vi) Nannono wa Ngo. Yazaala Omumbejj Batenga.

vii) Nanzigu wa Mbogo. Yazaala Omumbejj Nzigu, n'Omulangira Kayizzi, eyaweebayo e Ssese okudda mu kifo kya Kibuuka Kyobe.

viii) Kabejja.

Nakibinge yalwana ne muganda we Jjuma owa Kyabayinze, naye oluvannyuma yafumba ekijjulo ne baddiŋana era n'ayogera nti, "Abooluganda bita, bikoonagana naye tebyatika." Nakibinge ye yasooka okugera olugero olwo.

Ye yatumya Kibuuka Kyobe Omumbaale okuva e Ssese ajje ataase Obuganda. Wano we waatandikira Obwakiggyo mu Ssiga lya Sebwatu.(Laba Abaganda Ab'edda olup.49-60). Nakibinge yasabibwa akakalu ka kusala mu Mulongo we ekitundu kigende n'Omulangira we, nga bagenda okumuwa Kibuuka, era mu Bazaana bona, yali Nanzigu eyakkiriza n'awaayo omwana we atwalibwe e Ssese. Omulangira ono bwe yatwalibwa e Ssese, yaganja nnyo olw'obujagujagu bwe yalina. Abasese abaagendanga okumulaba nga bagamba nti, bagenda kulaba "Akaganda kali". Awo we waava erinnya Kaganda.

Yasalawo kweddira n'onge kubanga mu bo mwe yakulira. Wano Kaganda ky'ava abeera nga Mulangira omujuvu, mwana wa Nakibinge. Nanzigu wano we yaggya ekitiibwa eky'okutikkirwanga n'Omulangira ng'alya Obwakabaka. Ekitundu ky'Omulongo ekyasigala yakituma Kittengo (amakulu nti ekitta engo kgiyinga buzito).

Nakibinge bwe yali agenda okulwana olutalo luno ne Kibuuka, yamala kusiba Omulago. Baasima ekinny ne basimbamu amafumu, ne bayiwamu omusaayi gw'ebisolo ebya wongebwa, ne basimbamu eddagala Amakulu nti yakola obweyamo, ku kasozi Butakabukirwa, akaatumibwa Mulago, okujukira Omulago ogwasibwa Nakibinge ng'ali ne Kibuuka ne Kiggyo nga bagenda okulwana n'Abanyolo. Olutalo baaluwangula, kyokka nga abazira bombi balugwiriddemu. Kibuuka ye yasooka okuttibwa nga bamaze okumubega ne bazuula engeri gye yalwanangamu. Nakibinge naye oluvannuma yattibwa ng'olutalo kumpi luwedde. Abantu tebaamanya njole ye we yagwa. Ormusajja eyalonda effumu lye Kawawa, ye yavaako okuzuula enjoile nga bamugambye abatwale we yaggya effumu eryo. Nakibinge baamulabira ku muzigo mu mannyo gwe yalina. Nannono yasongolanga emmuli mu lutalo bba alwanyise, ng'amafumu gamuweddeko. Olwo n'alyoka afuna erinnya erya Mulwanyammuli. Yagaziya nnyo Obuganda. Nakibinge bwe yaseerera ng'alwana n'Abanyolo, Nannono yasigala akuma Namulondo.

Bwe baggya Nannono ku Bwakabaka, baanoonyanga Abengo bona. Bwe baabuuzanga Omusajja Owengo nti, "Obwakabaka wabulya?", Yaddangamu nti, "Sinnabulya". Bwe baabuuzanga Omukazi Owengo, ng'addamu nti, "Nabulya". Wano we waava amannya g'Abengo gano. Kabaka ono talina mutuba, kubanga Abalangira be bona baalya Obwakabaka, ate ne Kayizzi nga yamugaba e Ssese, n'olwekyo teri Mulangira oba Mumbejja yenna agamba nti nva mu Kabaka Nakibinge. Omutuba bagusimbira Omulangira Omukulu Kiweewa, n'akulira Omutuba gwa Ssekabaka oyo, omusibuka Abalangira n'Abambejja abajja bazaalibwa. Ku mulembe gwe baayiiya obuyimba bubiri obwanyumira ennyo abantu, ng'akamu kali ku Nannono, nti:-

"Nannono muka Nakibinge Omulwanyisa mmuli,
Omutamiivu alinga ejinja".

Olulala lwali luwaana Nakibinge, abafuzi abalala n'emisambwa, nti:-

(Omusaakaanyo)

"Baalondamu balonde,

Abalangira balonde,

Baalondamu!

Kabaka mulonde,

Baalondamu balonde...

Nakibinge mulonde,

Baalondamu balonde

Ne Kibuuka mulonde,

Baalondamu balonde...

Emisambwa mironde,

Baalondamu balonde...

Ne Kiggyo mulonde,

Baalondamu balonde...

Abataka balonde,

Baalondamu balonde...

N'Abakopi balonde,

Baalondamu balonde...

Ebibuga Nakibinge bye yakuba- Bbumbu.

9. MULONDO:

Katikkiro we, ye yali Ssekajja wa Nvuma.

Bakadde be, be baali Nakibinge ne Namulondo Najjantyo wa Butiko.

Emyaka gye gye yafugira 1397-1427.

Amasiro ge gali Bulondoganyi, Mitwebiri mu Busiro.

Abazaana be, yawayira omuzaana omu Nnakku Oweffumbe, atali oli o'omukolo. Yazaala Kazibwe, Kaliga Ssekamaanya ne Walugembe.

Yalya Obwakabaka nga muto nnyo. Bakojja be kwe ku mubajjira entebe kwe baamutuuzanga abantu bamulengere. Entebe eyo baagituma erinnya lya nnyina Namulondo, kubanga yatuulanga ku mubiri gwa nnyina Namulondo eyamuleranga ku ntebe nga bali mu lukiiko. Okuva olwo entebe eyo bw'eyitibwa. Omulangira Kazibwe yasiigibwa e Busoga, Lukidi gye yava okulya Obwakabaka bwa Bunyolo. Ekifo Kazibwe we yagenda, okuliraana omugga Mpologoma, baatumawo Busikirano; abazaaliranwa baayo bo baalisalako ne bayitawo Busiki. Ye Omulangira owookubiri Kaliga, yasindikibwa Bulondo gy'akolera emikolo ku Mulangira abeera avudde mu kakomera.

Abamu bagamba nti ekigambo Nnyazaala kya bakyala bokka, nti omusajja tabeera na Nnyazaala. Kino si kituufu, buli omu abeera ne Nnyazaala amuzaalira munne. Ekigambo kino kyadda nnyo, era ne Kabaka Mulondo yakisangawo era n'akikozesa. Ye yalagira abantu be okuddukanga bannyazaala baabwe ababazaalira ba bbaabwe oba bakyala ba bwe. Yatunula ku nnyazaala we nga mulungi nnyo nga muto, n'atayagala kuddayo ku mutunulako, si kulwa ng'afuna ekikemo. Yamuvera okumuyita mu maaso. Yalagira ne basajja be bona obutaddayo kulaba oba okukwata ku bannyazaala ba bwe (Laba Bassekabaka b'e Buganda ekya Sir. Apollo Kaggwa). Wano bannyazaala we baatandikira okwebikkirira ku mitwe n'entumbwe. Nnyazaala kigambo kiganda kyadda nga kitegeesa omukulu omukazi akuzaalira mukyala wo oba balo. Omusajja ayitibwa Ssezaala. Omwana Omuganda tayogera (taatula) mannya ga bakadde be. Waakiri ayogera ekyalo omukadde gy'abeera n'agamba nti, "ηηambaa taata e Nsoololo mu Buddu, oba nti Maama o'we Nsaamu e Mawokota".

Omuntu abeera n'abakadde abamuzaala babiri, Omukadde omukazi n'omukadde omusajja. Mu Luganda olw'ebitontome, omuli ebisoko, bakozesa ekigambo "Omukadde Omukazi" okutegeeza Maama oba Nnyazaala eyamuzaalira omulungi gw'awaana. Omusajja akikozesa ng'alayira nnyina amuzaala, bw'abeera ng'atemye ekyeso, oba ng'alanya. Omukazi akikozesa ng'alayira nnyina ng'abaddde yekoonye oba asudde ekintu mu

butanwa nga kimusimattuse. Era Omuganda tayitaba nnyina nti, "Wangi Nnyabo!" Nnyabo kiwa mukyala yenna kitiibwa. Maama bamuyitaba nti, "Wangi Maama!" oba nti, "Wangi, Omukadde omukazi anzaala!" Ekigambo n'olwekyo bombi omusajja n'omukazi bakikozesa. Kiwlukika nga abakyala bokka be bakikozesa, kubanga be basinga okweraliikirira Bannyazaala baabwe. Ne Bannyazaala tebasonyiwa Bakaamwana, kasita balaba nga batabani baabwe bayisibwa bubi, nga bakazi baabwe abo babakola ebitanyuma.

Mu ngeri y'emu, abantu bagamba nti eriyo kigambo kimu kya Namwandum, ng'ekya Ssemwandu tekiriyo. Nakyo gyekiri, wabula mu Buganda tekyakala. Omusajja Omuganda kyali kya bujega okuwasa omukazi omu, era baagambanga nti omukazi omu, Ssaabaddu wa bawuulu. Kale omukazi bwe yafanga, ng'omusajja tafuuuka Ssemwandu kubanga nga waliwo abakyala abasigalawo. Eyalinanga omu, yayanguwanga okwabya olumbe asobole okuwasa, kubanga mu Buganda obuwuulu kivve. Oluwasa bw'ati, ng'Obwassemwandu bufa. Naye kati bujja kutaba engeri gye twasalawo okuwasa ekizungu mu ddiini. Abaana ne bwe baba tebasobola kulabirira kitaabwe nga nnyaabwe afudde, era tebaagala kitaabwe kubaleetamu 'mukazi' mulala, era ye tebamuyita nnyaabwe.

Ebibuga Mulondo bye yakuba- Mitwebiri.

10. JJEMBA :

Bannaalinnya be, be ba Nkinzi ne Luwedde.

Omulongo we ayitibwa Lukongo.

Ennyumba ye eyitibwa Bazibumbira.

Ejjembe lye liyitibwa Simuwuune.

Katikkiro we, ye yali Busungwe wa Ngeye.

Bakadde be, be baali Nakibinge ne Najjemba wa nllonge.

Emyaka gye 1427-1457.

Amasiro ge gali Mubango mu Busiro.

Abazaana be, be ba:-

i) Nanfuka wa Ngeye. Yazaala Zigulu

ii) Nakkazi wa Mmamba. Yazaala Ggoogombe.

iii) Nabbanja wa Mbogo. Yazaala Lulume Kajeebedde ne Kawaali.

Kintu Omucwezi, yaloosa Kabaka ono agende mu Mabira e Kyaggwe aleete ekibala ky'anaasangayo, asobole okuwangibwa awangaale ku Namulondo. Yagenda ne Katikkiro we ne batuuka e Kyaggwe mu Mabira. Bwe yakyuka n'atunula emabega, n'alaba eriyembe eddene ennyo, eritalabwangako. Ogwo gwe muyembe gwe yatwala ne bamuwangan awangaale ku Namulondo. We yaguggya na kati bayitawo Najjembe, nga bajjukirao eriyembe liri eryakola omukolo. Lubanga ow'e Buluuli, ku Jjemba kwe yabangirad Obuganda e Mubango ng'amutemyeko engalo eya nnasswi eya ddyo ku lwa Buganda, n'agikolamu ensiriba. Bw'atylo Jjemba bwe yabanga Obuganda, wali e Mubango ku muvule.

Kabaka Jjemba yawangaala nnyo, emyaka 112. Abalangira be bona baamulekawo. Yakutula emikalabanda emigogo esatu nga giggweererera. Yakutula endeku ssatu nga zisonjoka busonjosi mu bulago mwe yazikwatanga, so si kwaitika. Yaleega εηηομα ye "Aloga aloge", evuga nti, "Aloga aloge, Jjemba alifa bukadde". Yasimbira mutabani we omukulu Lulume omutuba e Bume Mawokota okuliraana e Nsaamu. Yayagala nnyo omuzaana Nanfuka. Bwe yamuzaako, yamuzaika e Luggi, era n'alagira nti, "Abazaana bona baziikibwenga Luggi Nanfuka aleme kuberayo omu". Kabaka ono, yadda ku bwakabaka emirundi ebiri. Bwe baalaba ng'akaddiye nnyo, baateekako Omulangira Walugembe nga balowooza nti omulamu asikirwa. Omulangira byamugendera bubi, nga Namulondo emugaanyi. Yatabuka omutwe n'addukira eyo e Lukunu e Kiziba eyafuuka Tanzaniya. Kino olwakitegeera nti Namulondo ye yalwaza Walugembe, ne bazza Jjemba ku Bwakabaka bwe. Abaana be baamugoherera ne babeera eyo nga beekwese mu Lugave. Ye oluvannyuma yatereera n'akomawo kuno. Walugembe oluvannyuma yatereera, era yaddamu okutuula ku Namulondo nga Ssuuna I akisizza omukono. Bwe yaseerera bamuterekwa e Bugembegembe. Naye baamukolera Amasiro okufaanana nga Basseka. Bazzukulu ba Walugembe baakabazza okuva e Tanzaniya omwaka gumu oguyise mu 1997.

Ebibuga bya Jjemba bye yakuba- Mubango.

11. SSUUNAI:

Nnaalinnya we ye Giibwa Nnaayimbabuna.
Omulongo we ye Segantebuka.
Ennyumba ye eyitibwa Batandabezaala.

Ejjembe lye liyitibwa Siimuwuune.

Katikkiro we, ye yali Kisolo, wa Nseenene.

Bakadde be, be ba Nakibinge ne Nassuuna wa Mmamba.

Emyaka gye yafugiramu 1457-1487.

Amasiro ge gali Jjimbo mu Busiro.

Abazaana be, be ba:-

Nabugo wa Ffumbe.

Nalugwa wa Ndiga.

Yasombesa abantu ettaka essambe ne bakola olusozi olw'ettaka e Jjimbo. Yayagala nnyo emizannya. Yali mumegganyi nnyo. Naye lumu yawakanya omusibe bameggane, ng'amunyoomye olw'obutono. Omusibe yakuba Ssuuna ekigwo tonziriranga! Kabaka omusibe yamusonyiwa n'omusango ne bamuta. Naye Kabaka n'awera obutaddayo kuyisa musibe yenna e Jjimbo. Awo we waava olugero nti: "Serwali lundi, omusibe tayita Jjimbo" (Abamu bakiyyita Ggimba). Bwe yakisa omukono, Omulangira Walugembe yaddamu okukuuma Namulondo okutuusa Ssekamaanya bwe yalya εηηομα. Walugembe ono naye gy'ali yeebase e Kasengejje. Olw'okukuuma Obwakabaka emirundi ebiri, kye yava akolerwa amasiro eBugembegembe nga Ssekabaka.

Ebibuga Ssuuna I bye yakuba- Jjimbo.

12. SSEKAMAANYA:

Nnaalinnya we ye Luwedde.

Omulongo we ye Kyerula.

Ennyumba ye eyitibwa Kyesirikidde.

Ejjembe lye liyitibwa Kasaja.

Katikkiro we, ye yali Kisolo wa Nseenene.

Bakadde be, be ba Mulondo ne Nnakku wa Ffumbe.

Emyaka gye yafugiramu 1487-1517.

Amasiro ge gali Kkongojje mu Busiro.

Abazaana be, yawayira omuzaana omu Nabuuso, Nnaabagereka wa Butiko, n'azaala Kateregga.

Kinu Omucwazi, yedogga Kabaka ono azwida ne Mabirizi. Yazaala Ndaawala Kyeekakas. Bakadde be, be baali Ssekamaanya ne Nabuuso Nnaabagereka, wa Butiko. Emyaka gye yafugira 12.7.1547-1577.

Yakyusa Lusaka, okuva olwo buli Kabaka ng'asobola okuzimbira Namasole w'ayagala. Yatta Nnankere olw'obutawaayo mwana we eri Kabaka okukulirako. Kabaka ono yaseererera takoze mikolo gya kukula. Ye yakomya akalombolombo k'Abakulu boobusolya obutalaba ku Kabaka(Abaganda Ab'edda olup.110, 2b).

Ebibuga Ssekamaanya bye yakuba- Kkongojje.

13. KIMBUGWE:

Nnaalinnya we ye Ndagire.

Omulongo we ye Kyakulumbye(okubirira kijja).

Ennyumba ye eyitibwa Ssalongo.

Ejjembe lye liyitibwa Manyonyi.

Katikkiro we, ye yali Kamegere, wa Ffumbe.

Bakadde be, be baali Ssuuna I ne Nalugwa, wa Ndiga.

Emyaka gye yafugiramu okuva 1517 okukoma nga 12.7.1547. Olunaku luno yennyini ye yalwogera ng'alinnye ku Jjoba (avvuunuse) nti, "Olwa leero(1997) lwe mpezzza emyaka 450 okuva lwe nawummula."

Okubala kwaffe ne kukyuka okuva ku olwo nga tugenda tugattako oba tutoolako emyaka 30 abakugu gye baawa buli Kabaka gye yamalangako.

Amasiro ge gali Bugwanya mu Busiro.

Abazaana be, be ba:-

- i) Nakamyuka wa Mpindi. Yazaala Kamyuka e Bbembe ne Baleke.
- ii) Nabbanja wa Mbogo. Yazaala Mpadiwa, ye yali Kiweewa.

Ebibuga Kimbugwe bye yakuba- Bugwanya.

14. KATEREGGA:

Nnaalinnya we ye Sirwamutanda.

Omulongo we ayitibwa Kyerula.

Ennyumba ye eyitibwa Kyesirikidde.

Ejjembe lye liyitibwa Bbugiro.

Katikkiro we, ye yali Kamegere, wa Ffumbe.

Bakadde be, be baali Ssekamaanya ne Nabuuso Nnaabagereka, wa Butiko.

Emyaka gye yafugira 12.7.1547-1577.

Amasiro ge gali Buteregga mu Busiro ku liraga e Bumera.

Abazaana be, be ba:-

- i) Namawagga wa Mpologoma. Yazaala Kawagga.
- ii) Namutebi wa Mmamba. Yazaala Mutebi, Jjuuko ne Kayemba.
- iii) Mutebi ne Jjuuko baali balongo ne babagerula. Amakulu nti omu baamusibira mu nda, ne basooka kuzaalako omu-Mutebi.
- iv) Jjuuko baamuzaala wayiseeko akabanga. Kabaka yali atya okuzaala Abalongo.
- v) Nakabugo wa Nkima. Yazaala Lumansi ne Kijojo.
- vi) Nakamu wa Nkima. Yazaala Omumbejja Naluwembe.
- vii) Nakinyago wa Ffumbe. Yazaala Kinyago.
- viii) Nnaalongo Kawenyera yazaala Wasswa ne Kato.
- ix) Nalugwa wa Ndiga. Yazaala Omumbejja Nazibanja, Ssemminde ne Gaweesarwa.
- x) Namugenyi wa Lugave. Yazaala Kawagga, Kazibwe ne Katakkusu.
- xii) Nanzigu wa Mbogo. Yazaala Nzigu, n'abalongo Ssenninde Wasswa e Nasana, ne Lutimba Kato e Kaaliiti.

Yazaala abalongo mu Muzaana omulema kyokka teyamwanjula wa kitaawe ng'atyat okuswala. Kitaawe bwe yamanya yamunyiigira, ate ye yasala wo kutta kitaawe. Teyabikka kabugo olw'okutta kitaawe. Yasuula Abalongo b'Obwakabaka, Lumansi ne Lukenge mu mugga Nonve. Ye yaleega eηηoma Nakawanguzi.

Ebibuga Kateragga bye yakuba- Lugeye.

15. MUTEBI I:

Nnaalinnya we ye Luwedde.

Omulongo we ayitibwa Ssimbiwa Kazibwe.

Ennyumba ye eyitibwa Mayinja.

Ejjembe lye liyitibwa Manyonyi.

Katikkiro we, ye yali Musaazi, wa Ffumbe.

Bakadde be, be baali Kateregga ne Namutebi, wa Mmamba.

Emyaka gye yafugiramu 1577-1644.

Amasiro ge gali Kkongojje mu Busiro. Yaseererera Mbalwa ne bamuleeta e Kkangojje.

Abazaana be, be ba:-

- i) Nabitalo wa Ffumbe. Yazaala Lukenge.
- ii) Nabukalu Nabbuto wa Lugave. Yazaala Tebandeke.
- iii) Naluyima wa Lugave. Yazaala Kayima.
- iv) Namawuuba wa Lugave. Yazaala Mawuuba, Mukuma ne Matumbwe.
- v) Nampiima wa Mpewo. Yazaala Mpia.

Yaleega Mujaguzo Kawulugumo ne Kauuula (Mujaguzo ensajja), n'aziwa mukoddomi we Lukungo Owoolugave okuzikuma n'okuzikuba. Mbaziira e Bulimu ye yagiteekamu ejjembe.

Ku Kabaka ono, Kasuju kwe yatandikira okusumika Abalangira, oluvannyuma lw'okusala omusango gw'embwa bwe yalya bbi, Kabaka n'agiraba, n'anyiiga nnyo era n'agaana okugyeddira, n'asalawo yeddire omuziro gwa myina. Kasuju yamugaana okugweddira nti, Kabaka asaana kubeera wa bantu bona ng'ayingira mu buli kika mu Buganda, nga jjaja ffe Kintu bwe yali yasalawo. Abalala bagamba nti yasala musango era gwa mbwa, bwe yawunya ku ndiga eyali esibiddwa, n'ekutula n'etomera olukoma olwakuba omwana n'afa. Baavunaana eyayiisa omwenge ogwaleeta nannyini mbwa eyajja nayo.

Ebibuga Mutebi I bye yakuba- Muguluka, Butebi, Mwera, Mbalwa.

16. JJUUKO:

Nnaalinnya we ye Nsangi.

Omulongo we ayitibwa Lugono.

Ennyumba ye eyitibwa Kaaliiti.

Ejjembe lye liyitibwa Lubowa.

Bakatikkiro be, be baali Wannanda wa Butiko, ne Mulwana wa Mmamba.

Bakadde be, be baali Katereggae ne Namutebi wa Mmamba.

Emyaka gye yafugiramu 1644-1682.

Amasiro ge gali Bujuuko mu Busiro.

Abazaana be, be ba:-

- i) Nandawula wa Nseenene. Yazaala Ndawula Kyekaka.
- ii) Nabatanzi wa Lugave. Yazaala Batanzi Ntale.
- iii) Nakimera wa Nseenene. Yazaala Kimera.
- iv) Nakisozi wa Mbogo. Yazaala Kisozi Sekiyovu.
- v) Nalunga wa Nvuma. Yazaala Lumweno e Bbanda ne Ntale e Buwasa mu Busiro, Kimera we yawasiza.
- vi) Nantume wa Mbogo. Yazaala Kasagazi Naddangira ne Kayiza.

Obudde bwamukeerako ku kasozzi Nnyanjeeradde bwe yali agenda e Nabutitti okwogereza Nalunga, eyali asinga obulungi mu Buganda ebiseera ebyo. Okuva olwo akasozi ako kayitibwa Makeerere. Yasalira muganda we Kayemba olukwe n'amugaba atabaale e Buvuma afireyo, kubanga yagaana okuleka Nnakku abasawo gwe baali bagaanye okuwasa nga wakuleeta bizibu. Kayemba ye n'agaana nti ye oyo ye mukazi gw'ayagala okuwasa. Era yamuwasa Jjuuko n'anyiiga. Jjuuko yasalira muganda we imagezi, yamutega n'eryato ery'ebbumba afire mu mazzi waakiri, si kulwa ng'alemwa okufiira mu latalo. Naye Kayemba omulunzi yamulabulira mu ndere nti:- "Kayemba Nantabuulirirwa alisaabala obw'ebbumba". Bwe yawulira ebyo, n'agaana okulinnya mu lyato eryo. Abaamattega eryato yalibatuzaamu ne bafa. Bwatyo n'amatira nga muganda we yali ayagala ku mutta.

Kayemba yagenda mu maaso okutabaala Buvuma. Bwe baatuuka emitala, ng'alagira abasajja be nti, "Buli atuuka ayimiriza okugulu kumu". Bali bwe baalabanga abantu ab'okugulu okumu kumu, ne balowooza nti balema, ate batono nnyo si bangi. Ne babalinda bawere, batte obulema bungi omulundi gumu. Bano baageenda okussa amagulu, nga bangi nnyo tebasoboka. Olutalo yaluwangula ne wasibukawo olugero olugamba nti, "Linda buwere, yawanguza Buvuma". Bwe yawangula olutalo teyadda wa muganda we.

Oluvannyuma Nnakku yazaala omwana, baamuyitanga Kipumpuli oluvannyuma n'ayitibwa Kawumpuli. Yali Mulangira, ate erudda nga Musambwa. Kitaawe yamusuuula e Buyego nga wa bikuggu ne bamuwa ebikongo alye okutuusa lw'alizaama. Abasawo baagaana Jjuuko okutunula e Buyego, nti lw'ali tunulayo lwalifa. Nabuzaana yalonda Kawumpuli n'amuyonsa n'akula. Ye Katikkiro w'emisambwa gyonna. Ku kasozzi

Buswabulongo mu Ssingi nga w'atuza olukiiko Iw'emisambwa. Ye Kabaka w'e Bulemeezi, Kabaka ky'ava tatikkira Ngule ng'ali mu Bulemeezi, baleme kuberayo bakabaka babiri.

Kayemba yatuma Katikkiro Mulwana amulimbe nti Jjuuko yakisa omukono, olwo Kayemba adde bamutte. Katikkiro yakubwa emiggo mizibu, nga Kayemba akizudde nti Mulwana yamulimba bulimbi. Kyokka era Jjuuko yalagira Kayemba yetikke Mulwana gwe yali amaze okukuba, amutuuse e Bujuko, ng'ekyo kye kibonerezo kye yamuwa.

Enjuba yalwana n'omwezi (*ekiripusi*) nga 30.3.1680 okumala ebbanga ddene, ng'obudde buzibidde ddala. Eyo ye EKIRIPUSI Abaganda gye baasooka okulaba. Yali yamaanyi nnyo, obudde ne bukwatira ddala enzikiza. Kino kyatiisa nnyo abantu nga balowooza nti Katonda yali anyiize nga asudde enjuba. Jjuuko yayita Muwanga awange ensi, obudde busobole okukya. Obudde oluvannyuma bwakya. Kabaka yamala emyaka ebiri ng'amaze okuyita Muwanga okuwanga ensi, n'akisa omukono. Kawumpuli omwana wa muganda we Kayemba ye yamutta mu 1682. Nalunga eyamuziyizanga okutunulayo, ku olwo yali mulwadde, teyasobola ku mubikka ku mutwe nga bwe yakolanga buli lunaku. Jjuuko bwe yafuluma yekka ebweru, n'atunula gye baamugaana okutunula. Bwe yatunula mu bwengula bwa Kawumpuli, n'afirawo. Nalunga olw'okukola omulimu obulungi atyo, ky e kyavaako enjogera nti: "Omutuuse, Nalunga yatuuka Jjuuko".

Ebibuga Jjuuko bye yakuba- Bujuko, Ngalamye, Mawale, Lubaga, Wagaba.

17. KAYEMBA:

Nnaalinnya we ye Muggale.

Omulongo we ayitibwa Lukungo (Lukubeggu).

Ennyumba ye eyitibwa Bunnyabukadde.

Ejjembe lye liyitibwa Manyoni.

Katikkiro we, ye yali Kisiki wa Butiko.

Bakadde be, be baali Katerenga ne Namutebi wa Mmamba.

Emyaka gye yafugiramu 1682-1715.

Amasiro ge gali Nabulagala e Kkongojje mu Busiro.

Abazaana be, be ba:-

- i) Nabbanja wa Mbogo. Ye yazaala Ssematimba ne Wakayima.
- ii) Nakku wa Ffumbe. Ye yazaala Kawumpuli e Buyego ne Namutebi.

Kayemba ye yagoba Abakonjo e Kyaggwe, bano be bantu abaaliyo eyo abaakonjanga (okubajja) amaato. Yatta Mulwana, Oluwanga lwe n'alusiba n'olwa Jjuuko naye amwetikke ne mu kufa, nga naye Jjuuko bwe yamumwettissisa mu bulamu. Yalagira bazisuule ne mu nnyanja. Kinyolo e Kisugu ye yaziwonya n'azikweka.

Abalangira ba Namutebi, Mutebi, Jjuuko ne Kayemba aba Katerenga, bona baalya Obwakabaka. Wabula ye Namutebi, obutafaanana Nanteza, ekitooke ekikye tekyassa ebiri. Kubanga Namutebi yaseerera okuva ku Bwannamasole, nga ku Bwakabaka kuliko Mutebi. Ababiri abasigadewo baagenda okulya nga yaseerera dda. So nga Abalangira ba Nanteza bombi baalya Obwakabaka nga akyali mulamu, bw'atyo n'adda ku Bwannamasole omulundi ogwokubiri.

Ebibuga Kayemba bye yakuba- Nabulagala, Lunnyo.

18. TEBANDEKE:

v) Namanga wa Butiko. Teyazaala.

Nnaalinnya we ye Nandawula.

Omulongo we ye Kabuno.

Ennyumba ye eyitibwa Bazibumbira.

Ejjembe lye liyitibwa Kasaja.

Katikkiro we, ye yali Mujambula, wa Ffumbe.

Bakadde be, be baali Mutebi I ne Nabukalu Nabbuto, wa Lugave.

Emmyaka gye yafugiramu 1715-1742.

Amasiro ge gali Merera mu Busiro. Enjole ye yaterekewa Bundeke.

Abazaana be, be ba:-

- i) Balangazza wa Mbogo. Teyazaala

- ii) Nabbali wa Ffumbe. Teyazaala.

- iii) Nnaabaazika wa Nkima. Teyazaala.

- iv) Nakuwanda wa Nkima. Teyazaala.

- v) Nakyaziirana wa Njovu. Teyazaala.

Abasinga balowooza nti Juma Kateebe e Kibanga mwana wa Kabaka Tebandeke, mbu nga yazaalibwa Balangazza ow'Embogo. Kino baakiggya ku Sir Appollo Kaggwa, kubanga bwatyo bwe yawandiika mu kitabo kye Bassekabaka be Buganda. Naye mu kubuuliriza kwe Sir Appollo Kaggwa teyafuna kituufu. Ekituufu kiri nti Tebandeke teyazaala olw'okwokya emmandwa zonna. Era Juma Kateebe Mujjwa, mwana wa Mumbejja Muggale. Omujjwa ono yakulira mu lubiri era nga muganzi nnyo eri Kojja we Tebandeke. Kino kyaleetera abantu okulowooza nti Juma Kateebe mwana wa Kabaka, so nga mujjwa mwana wa Lugave. Amannya Juma ne Najjuma ga Lugave ge tutatankana. Ng'empisa y'ensi bw'eri, Tebandeke bwe yalagulwa Namalere nga ye yongedde okulwala, nti emisambwa gye yayokya gye gyamugaana okuzaala, nti era gye gimulwazizza, yalonda Omujjwa Juma Kateebe amumalire ko ebibamba. Omujjwa oyo yayambula Kabaka, n'amwanulako ebizibu by'emisambwa. Juma Kateebe kyava ayitibwa erinnya eddala erya Mwanula. Abasawo baagana Kabaka okuddayo okutunula ku mwana we oyo (Omujjwa) si kulwa ng'ebizibu biddira Kabaka. Kaafuuka kalombolombo Juma Kateebe olumala okumutikkira ne Kabaka, taddayo kutuula ne Kabaka wadde okumutunulako. Oba waliwo Omulangira eyasikira Obwakateebe, eyo nsobi. Juma Kateebe olw'okubulira mu Balangira, yafiriiza Aboolugave okubala omulimu gwe ogwo gw'akola mu lubiri nti gwabwe. Juma Kateebe muntu mukulu nnyo, yandibadde kumpi wa Ssiga mu Lugave.

Tebandeke yabutika entengotengo mu matama n'ayita emmandwa zonna, zimulagule ky'alwadde ng'ayagala okumanya emmandwa etalimba. Buli eyajjanga ng'emusaba bintu emuwonye. Yali Namalere e Zzinga yekka eyagamba nti "Mukama wange, nze ndaba nga tolina bulwadde". Kabaka bwe yaseka, entengotengo n'egwa. Kabaka yanyiiga, n'ayokya emmandwa zonna olw'okulimbanga abantu. Yatta abakongozzi b'emmandwa zonna, n'ayokya amasabo gonna, olw'okumuwemuukiriza mu lujjudde. Emmandwa zaanyiiga nnyo kubanga zo tezaggya muliro wabula embugo ze zaggya, anti empewo teggya. Zaamulwaza okutuusa Namalere bwe yamulagula olwo Tebandeke n'atandika naye okusamira wadde nga yali emmandwa azikyaye. Yasamira lubaale Mukasa, n'alyoka azisonyiwa n'azita, ne zifuna abakongozzi abalala. Ye yasima Omulongo Lukungo owa Kimera e Nabulagala n'amutwala e Bumera ku nnyini ye.

Ebibuga Tebandeke bye yakuba - Bundeke, Mulago, Kabulengwa.

19. NDAWULAKANAAKULYA: Nnaalinnya we ye Zansanze.

Omulongo we ye Lukenge.

Ennyumba ye eyitibwa Batandabezaala.

Ejjembe lye liyitibwa Siimuuhune.

Katikkiro we, ye yali Nsobywa Fumbe.

Bakadde be, be baali Jjuuko ne Nandawula Kabenjanjo wa Nseenene.

Emyaka gye 1742-1772.

Amasiro ge gali Musaba mu Busiro. Enjole ye yaterkebwa e Merera.

Abazaana be, be ba:-

i) Nabisubi wa Mmamba. Teyazaala.

ii) Naggujja wa Njovu. Yazaala Kagulu Tebuucwereke

iii) Nakidde Luyiga wa Ngo. Yazaala Musanje, Ggolooba, Kikulwe ow'e Kaaliiti, ne Mawanda n'Omumbejja Ndagine Ndege.

iv) Nakikulwe Namirembe wa Ngo. Yazaala Kikulwe.

v) Nakymubi wa Mmamba. Yazaala Kyomubi, Ssegaamwenge ne Luyenje.

vi) Nampanga wa Butiko. Teyazaala.

vii) Nazaaluno - Fumbe. Yazaala Bezaaluno.

Ndawula bwe yasika, yayita Juma Kateebe asikire emisambwa n'emmandwa za Kojjaawe Tebandeke. Era teyaddayo kutunula ku Kabaka Ndawula. Sebide ye yali omuyizzi wa Ndawula. Bwe yagenda okuyingga, yakwasa Omusu omunene ennyo omwene, nga mweru be ttukutuku. Yagutya n'alowooza nti Musamba, era n'aguta ne gugenda. Bwe yakwatayo emmangala, ke kasu akatono, n'agamba Kabaka nti, "Mala galya ako, anti enkalubo ekira amaluma". Awo we waava erinya lya Nkalubo. Sebide yaddayo okunoonya omusu guli omweru, naye tegwaddayo kulabika ku Kanyanya. Kye yava agutumua Mugenzitazze. Wano we waava enjogera nti, "Mugenxitazze ng'omusu gw'e Kanyanya." Ekika ky'omusu ogwo nakati kiyitibwa Mugenzitazze.

Yalina ejjembe Bukonge. Ye yatta Siroganga ng'amuloopye mu bantu nti yali yeekwese mu kibira Nawango (Mmengo), omwalinga engo ennyingi ennyo, n'omuti omunene oguyitibwa Nawanku. Omuti guno, n'oluzzi Ndawula mwe yanywanga amazzi nga yeekwese, bikyaliwo wali ku Lugudo oluyitibwa Mutebi (Mutebi Road) e Katwe. Bwe

Yakandanga kubayita nga bo bagamba nti ffe tujja kukiikira eno. Wano we waava enjogera egamba nti:- "Okiikidde Jjimbi"; olwo ng'okombye ku erima, ogaanidde ddala. Omumbeija Ndagire Ndege, n'Omwami Mawuba beekobaana n'abantu bona nga Kabaka Kagulu bamukyaye. Baamukwata ne bamutta awamu n'Abalangira be bona be yazaala. Baamuttira Bulingugwe, wali kati awayitibwa Cape Town View, wali e Ggaba. Oluwanga lwe baali balusudde mu nnyanja, naye oluvannyuma baaluggayyo ne balutwala e Bbuga. Bakojja be nabo baabatta, awamu na buli wa Njovu yenna. Wano Abenjovu we baava okudduka ne beekweka mu Ffumbe. Bwe baamala okutta Kabaka, Omumbeija Ndagire Ndege yatuuza olukiiko olwalonda Omulangira Kikulwe okulya Obwakabaka. Olukiiro lwalimu Abalangira munaana abalonda Kabaka eyaddako. Bano be baatuula mu lukiiko o:- Kikulwe, Mawanda, Ssegaamwenge, Musanje, Mwanga, Namugala, Kyabaggu ne Kayondo. Bonna Omumbeija Ndagire Ndege yabatuuza n'abakkirizisa Kikulwe okubeera Kabaka nga ye bwe yali ayagala. Bw'atylo bwe yalonda Kikulwe.

Kagulu yakuba ebibuga- Kibibi, Bbuga, Bulizo, Lulumbu.

21. KIKULWE:

Omulongo we ayitibwa Kyerula.

Nnaalinnya we ye Namulinzi Batenda.

Omulongo we ye Luwungwe Ggobango.

Ennyumba ye eyitibwa Kiryangokibi.

Ejjembe lye liyitibwa Simuwuune.

Katikkiro we, ye yali Mawuba, wa Mmamba.

Bakadde be, be baali Ndawula ne Nakikulwe Kiyindi Namirembe, wa Ngo.

Emmyaka gye yafugiramu 1802-1805.

Amasiro ge gali Kaaliiti - Busiro. Enjole ye yaterekebwa Luwoko.

Abazaana be, be ba:-

Nabidde yali Musoga wa Nnyonyi. Yazaala Omumbeija
Mpaalikitenda.

ii) Najjuka wa Batiko. Yazaala Madegu, Maganda, Ggobango, Segaaamwenge

n'Abambeija Zansanze ne Nabologa.

iii) Nalukwago wa Nkima.

baamuyita erinnya n'alayira nti, "Ndawula namulabye". Ekyo nno yejiukiriza akyogedde, era kye kyamussa. (Laba ekitabo Bassekabaka ba Buganda ekya Sir. Apollo Kaggwa).

Bwe yasikira Tebandeke, ye teyayaga kusamira nga gwe yasikira. Kye yava alonda Jjuma Katebe e Kibanga Bulemeezi, okusikira Lubaaale wa Tebandeke. Okuva olwo, buli Kabaka asika, asika ne Jjuma Katebe asikira emisambwa, n'ayitibwa kabaka w'emisambwa. Era naye taddayo kulaba ku Kabaka gwe baasika naye. Kyokka Kabaka awa Jjuma Katebe ebyobugagga bufukunya.

Ndawula yasigaza ejjembe Manyoni, era nalyo yalitya n'alikweka e Ssekanyonyi wali e Busunju. Okuva olwo Katebe ye yafuuka entebe ya balubaale ba Kabaka. Kabaka n'asigala nga tasamira. Olulonda Kabaka, nga balonda Katebe asikire ebyo byonna ebya lubaale, era taddayo kulaba ku Kabaka mulamu okutuusa lw'aseerera. Waliwo abagamba nti Omulangira Ggolooba e Mpunga yazaala bakabaka basatu-Kikulwe e Kkaaliiti, Kanaakulya Ndawula e Musaba ne Mawanda Ssenkaayi e Sserinnya, Ndawula alyoke azaale Kagulu Tebucwereke.

Ebibuga Ndawula bye yakuba -Ndawula yakuba ebibuga Lubaga, Musaba, Kyebando e Nansana.

20. KYAGULUTEBUUCWEREKE:

Nnaalinnya we ye Ndagire Ndege.

Omulongo we ayitibwa Kabuno.

Ennyumba ye eyitibwa Bazibumbira.

Ejjembe lye liyitibwa Kaabayizzi.

Katikkiro we, ye yali Ntambi, wa Njovu.

Bakadde be, be baali Ndawula ne Naggujja, wa Njovu.

Emmyaka gye yafugiramu 1772-1802.

Amasiro ge gali Bbuga mu Busiro.

Abazaana be, yalina omuzaana omu. Yazaala Kayima ne Ssematimba.

Yali mukambwe nnyo nnyo okutwala ewala. Yalagira abantu okusigula omuvule nga tebagutemyeko mulandira wadde ogumu. Era yasimbanga enkato mu ttaka, n'alagira abantu bakubeko ebibatu. Abakungu bona baamudduka ne baagaana okugendayo okuteesa, bona ne baddukira ku kasozi e Jjimbi mu Busiro. Eyo gye batuulanga,